# *EDDOBOOZI LY'AKABONERO*

Weebale. Leka tusigale nga tukyayimiridde okumala akaseera, nga bwe tusoma Ekigambo, tugende butereevu mu Kigambo akawungeezi kano, tuleme kwonoona budde bungi. Njagala mubikkule nange, akawungeezi kano, mu Kitabo ky'Okuva, okutandikira ku ssuula ey'o 4 ey'Ekitabo ky'Okuva.

> *Musa n'addamu n'ayogera nti, Naye, laba, tebalinzikiriza so tebaliwulira ddoboozi lyange: kubanga balyogera nti, MUKAMA teyakulabikira.*
>
> *MUKAMA n'amugamba nti, Kiki ekiri mu mukono gwo? N'ayogera nti, Muggo.*
>
> *N'ayogera nti, Gusuule wansi. N'agusuula wansi, ne gufuuka omusota; Musa n'adduka mu maaso gaagwo.*
>
> *MUKAMA n'agamba Musa nti, Golola omukono gwo, ogukwate akawuuwo. N'agolola omukono gwe, n'agukwata, ne gufuuka omuggo mu mukono gwe:*
>
> *Balyoke bakkirize nti MUKAMA Katonda wa bajjajja baabwe, Katonda wa Ibulayimu,. . .Katonda wa Isaaka,. . .Katonda wa Yakobo, nti akulabikidde.*
>
> *MUKAMA n'amugamba nate nti, Teeka omukono mu kifuba kyo. N'ateeka omukono gwe mu kifuba kye: bwe yaguggyaamu, laba, omukono gwe nga gulina ebigenge nga omuzira.*
>
> *N'ayogera nti, Guzze omukono gwo mu kifuba kyo. N'aguzza omukono gwe mu kifuba kye; bwe yaguggya mu kifuba kye, laba, nga. . .gufuuse nga omubiri gwonna.*
>
> *Awo olulituuka, bwe batalikukkiriza, era bwe bataliwulira ddoboozi lya kabonero ak'oluubereberye, balikkiriza eddoboozi ery'akabonero* ak'okubiri.

2 Leka tukoteke emitwe gyaffe. Era nga tukotese emitwe gyaffe, wamu, n'emitima gyaffe, ssimanyi oba nga waliwo abali wano akawungeezi kano abalina ebyetaago eby'okusabirwa? Musobola okukyoleka nga bwe muyimusa emikono gyaffe. Katonda abawe bye musaba.

3 Kitaffe ow'omu Ggulu, guno tugutwala okuba nga mukisa ogw'amaanyi ddala, okujja gy'Oli mu kusaba, nga tujjira mu Linnya lya Mukama waffe Yesu. Era Yatusuubiza, nti bwe tunaabaako ekintu kyonna kye tusaba mu Linnya Lye, kinaatuweebwa. Ggwe omanyi ebyetaago bya buli omu ku ffe. Omanyi emikono gyaffe kye gibadde gikiikirira bwe

giyimusiddwa waggulu. Nkusaba, ayi Kitaffe, Oyanukule buli kusaba akawungeezi kano. Weetwalire ekitiibwa.

4 Era kaakano leka Omuyigiriza omukulu ow'Ekigambo, Omwoyo Omutukuvu, atukkeko, akawungeezi kano, era Atwebikkulire, era—era Yeeyoleke gye tuli tumulabe, okuyita mu bukakafu obw'okuzuukira Kwe. Tusaba Ajje mu makkati gaffe, akawungeezi kano, ayi Mukama, era—era akyalire emitima gyaffe. Ayogere naffe okuyita mu bintu bye Yasuubiza eri ekiseera kino. Leka Ebigambo ebyasuubizibwa eri ekiseera kino birabisibwe mu maaso gaffe, tusobole okubeera abakakafu ddala, mu kiseera kino ekizibu kye Wagamba eky'okujja ku nsi, okugezesa abantu bonna. Era ddala ekiseera ekyo kituukiridde, ayi Kitaffe, abantu nga bagezesebwa. Era waliwo engeri nnyingi ez'enjawulo, okutuusa okuba nga kyenkana tewali n'omu amanyi kya kukola. Naye, ayi Mukama, nkusaba Otubikkulire tutegeere, akawungeezi kano, nti Oli wano naffe, Ali wano kutuyamba. Kkiriza bye tusabye, kubanga tubisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Mutuuleeko.

5 Mbaddenga ntuukamu kikeerezi buli kiro. Kati ngira ne ndowooza ku kazindaalo *kano*, naye ke kagenda ku buuma obukwata amaloboozi. Naye kano *wano, n*dowooza mwe nnina okuwuliriza, manya mwe nnina okwogerera.

6 Enkya akawungeezi kye kiro eky'ekijjulo, kale temukyerabira. Ndowooza kiri. . . Ka nsuubire kyalangiddwa, abantu okusobola okutegeera gye balina okugenda.

7 Mazima ddala tusiima enkolagana yammwe mu bintu eby'amaanyi Mukama waffe by'akoze.

8 Kati, akawungeezi kano, ndowooza nti, okuggyako nga tumanyi Ekigambo kya Katonda, tubeera tetumanyi kya kukola. Tetusobola kuba na kukkiriza okutuusa nga tutegedde Katonda ky'ayagala kikolebwe. Na, kiki, era bwe tukitegeera nti Katonda ky'ayagala kikolebwe, Ekigambo kya Katonda bwe kibaako ne kye kigamba, awo ekyo tusobola okukigoberera n'essanyu.

9 Kati singa Mukama waffe Yesu abadde atambulatambula, mu buntu, ku nsi akawungeezi kano, mu mubiri gw'omuntu, n'Agamba nti, "Enkya enkuba ejja kutonnya, olunaku lwonna," kati kyandibadde kyangu nnyo gyendi okugenda ne manvuuli nga nsimbula ku makya, kubanga Abeera akyogedde. Kati, bw'Aba takyogedde, mba simanyi kya kulindirira. Kati bwe kityo bwe kiri, mu kintu kyonna kye tukola, twagala tutegeere ekiseera, omulembe mwe tuli.

10 Kati eri abapya, wiiki eno tugezezzaako okulaga nti Katonda, okuva ku lubereberye, yamanyirawo enkomerero. Ekyo kimufuula Ataliiko kkomo mu kumanya. Bw'Aba taliiko kkomo mu kumanya, manya nga aliko ekkomo, Aba si Katonda. Era Alina okuba nga ayinza byonna, ali buli wamu, amanyi buli

kimu, era ayinza byonna, okubeera Katonda. Nga ekyo kitegeeza alina amaanyi gonna, amanyi ebintu byonna, ali mu bifo byonna, era—era—era amanyi enkomerero okuviira ddala ku lubereberye. Bw'aba si bw'Ali, kitegeeza si Ye Katonda.

11 N'olwekyo ekituufu kiri nti tewaliiwo kintu kitaataaganye. Ye ffe. Naye tewali kitaataaganye mu Kigambo kya Katonda; kyo kikubira ddala nga essaawa y'oku kisenge. Era essaawa eyo bw'etuuka kyo okubaawo, Ekigambo ekyagerekerwa eri omulembe ogwo, kibaawo. Tuyinza okulowooza nti kigenda... tekigenda kubaawo. Oluusi kibaawo naye ne tutakimanya. Yesu yagamba, lumu...

12 Baamubuuza nti, "Lwaki a—a...abawandiisi bonna bagamba nti 'Eriya ateekwa kusooka kujja'?" Mukiraba, kati, ekyo baali bakikkiriza. Baali bakkiriza nti Eriya yali ajja.

13 Naye Yesu n'abatunuulira, n'abagamba nti, "Eriya yajja dda, naye temwamumanya." Mukiraba? Kaakati, mulabeeyo, abawandiisi abo, n'abaweereza, n'abayigirizwa bonna kyabayitako nga tebakitegedde. Era yali Yokaana Omubatiza, era yajja mu ngeri yonna Eriya gye yalina okujjamu, naye tebaamutegeera.

14 Era kati kitukakatako okutegeera akaseera mwe tuli, n'ekiseera mwe tuli. Nga nsinziira ku ekyo, akawungeezi kano njagala njogere ku: *Eddoboozi Ly'Akabonero*.

15 Mutwe ogw'eky'okuyigako ogutali gwa bulijjo, naye Katonda akola ebintu mu ngeri ezitali za bulijjo. Ekyo ky'ekimufuula Katonda, kubanga A—Asukkulumye ku bya bulijjo. Era buli kimu ky'Akola, A—Akikola, Asobola okukikola mu ngeri esukkulumye ku bya bulijjo, kubanga Asukkulumye ku bya bulijjo.

16 Kaakati, *Eddoboozi Ly'Akabonero*. Era liri...Waliwo eddoboozi eritambulira ku kabonero. Waliwo eddoboozi eritambulira ku musaayi. Omusaayi gwayogera okuva mu nsi, era—era egamba nti, "Omusaayi omutuukirivu ogwa Abeeri gwayogera nga gululumira Kayini." Era Bayibuli egamba nti, "Omusaayi *gwa* Yesu Kristo gwogera ebintu ebisingawo obulungi okusinga omusaayi gwa Abeeri bye gwayogera."

17 Kati kye twogerako akawungeezi kano, oba kye tulaba, kyeyerulira mu Kuva. Era ekiseera ky'Okuva ky'ekiseera eky'okuyitibwayo, era okuva kwali kutuuse.

18 Musa, omuweereza wa Mukama, yali ayitiddwa okubaako o—omulimu gw'akola. Era nga akola ekyo kye yalowooza, yali yasoma n'atuuka ku ddaala erya waggulu ennyo mu Misiri, n'ayiga a—amagezi g'Abamisiri gonna, era yalabika nga eyalina e—engeri ey'okugukolamu, kubanga yali munnamagye ow'ekitalo era omukugu, eyali asobola okununula abantu be okuva mu busibe obwo, kubanga ye yali Falaawo eyali addako. Era nga kyandimubeeredde kyangu okukikola. Naye, mulaba,

singa kyakolebwa mu ngeri eyo, awo kyandibadde kintu kya bulijjo.

19 Katonda tatwala bintu bya bulijjo. Atwala bintu ebisukkulumye ku bya bulijjo okukakasa ky'Ali.

20 N'olwekyo okuva mu myaka amakumi ana egy'obuyigirize, obwa waggulu ennyo bwe yali asobola okufuna, n'ekisingayo kye yali asobola okufuna, okufuuka omuyivu omukenkufu asingirayo ddala gwe yali asobola okufuuka; nga kw'ogasse n'okuyigirizibwa kwe yafuna okuva ku nnyina, eyamukuza, eyamuyigiriza n'amugamba nti ye yali ow'okununula abantu; n'agenda nga yeesigamye ku maanyi ag'okutegeera kwe, n'atta Omumisiri. Era, okuva awo, tukiraba nti okufuba kwe kwalemererwa, era n'addukira mu ddungu.

21 Era byonna Misiri bye yamuteekamu, okuyita mu buyigirize, okumala emyaka amakumi ana, byatwalira Katonda emyaka emirala amakumi ana okubimuggyamu, mukiraba, n'olwekyo yali tayinza kwesiga buyigirize bwe. Yali alina kwesiga ekyo ekisukkulumye ku bya bulijjo.

22 Era kati ekiseera kyali kisembedde Katonda kye yali yasuubiza, eri Ibulayimu, emyaka ebikumi bina nga ekiseera ekyo tekinnatuuka, bwe yamugamba nti ezzadde lye lyali lya kugenda mu nsi etali yaabwe, era oluvannyuma baliggyibwayo. Oluvannyuma lw'emyaka amakumi ana, baali ba kuggyibwayo n'omukono ogw'amaanyi. Yali wa kununula abantu be n'omukono ogw'amaanyi. Era ekiseera ky'ekisuubizo bwe kyasembera, awo Katonda we yaleetera Musa. Musa, mu kulemererwa kwe kwonna, yali agenze mu ddungu.

23 Kati ekifaananyi kya kino, wano waliwo ekifaananyi ekirungi ennyo kye tutandyagadde kusubwa n'akatono. Mukiraba? Kyali kyoleka, Katonda yali aggya Isiraeri, abantu Be, nga abafulumya, nga eggwanga, eggwanga okuva mu ggwanga eddala. Eggwanga okuva mu ggwanga eddala, ekifaananyi ekirungi ddala ekya leero, nti Katonda ayita Omugole We okuva mu kkanisa, Omugole Omukristaayo okuva mu kkanisa Enkristaayo, Ekkanisa Omugole okuva mu kkanisa, nga bw'eyitibwa, mu Bayibuli, nga bw'eyogerwako.

24 Nnina wano eno bye nnawandiise ebiwerako n'Ebyawandiikibwa, ku ky'okuyigako kino akawungeezi kano.

25 Oluusi, Eyitibwa, "Abeerobozebwa, Abalonde, oba Abaasigalawo ku zzadde ly'omukazi." Yayitibwa, "Omugole," nga ekyo Katonda, olw'okumanyirawo Kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo, kye yagyawulira okuba. Oyo, ye Mugole ava mu kkanisa. Mukiraba, yonna awamu kkanisa, naye Katonda aggyayo abantu okuva mu kkanisa eyo, nga Omugole. Yagamba Ajja kukikola. Era Yakikola, mulabeeyo, manya Ajja kukikola.

26 Mwetegereze, mulabe engeri gye Yakikolamu, n'enkola n'engeri gye Yakikolamu. Kati twagala twekkaanye kino, bwe Yali aggyayo Isiraeri, engeri gye Yakikolamu, n'enkola gye Ya— Yakikolamu.

27 Mwetegereze ekiseera ky'Ekigambo ekyasuubizibwa bwe kyali kigenda okutuukirizibwa, Katonda yayita Musa, okuyita mu kwawulirwawo edda, n'amulondera okukola omulimu ogwo. Mukiraba? Katonda bulijjo abeera n'omuntu ategekeddwa, mu kiseera ekyo. Katonda tewali kimulemesa. Yakyogera; era tekisobola kulemwa. Bwe kiremwa, kiba kitegeeza Katonda alemererwa, kubanga Katonda ye Kigambo.

28 Mulabeeyo, kati, Ekigambo kyalina okulabisibwa. Era Ekigambo bwe kyalina okulabisibwa, ekyo eky'ekisuubizo, Katonda bulijjo asindika nnabbi okwolesa ekisuubizo ekyo, kubanga Ekigambo kya Mukama kijja gy'ali.

29 Musa, eyali yayawulibwa edda olw'ekigendererwa ekyo, ye yayitibwa akole omulimu. Tewali mulala yenna yali asobola kugukola.

30 Katonda bw'abaako omuntu gwe—gw'ayise abeeko omulimu gw'akola, tewali mulala yenna ayinza kutwala kifo kye. Tewali muntu yenna ayinza kutwala kifo kyo, engeri yo ekufuula ow'enjawulo.

31 Emirundi mingi nga nneewunaganya, nga nnandyagadde okutwala ekifo kya Oral Roberts, nga nnandyagadde okutwala ekifo kya Billy Graham, mbeere omuntu bw'atyo. Nga Billy Graham, ŋŋende njogere eri ekibiina ky'abantu, mpite aboonoonyi bajje ku wolutaali; nkyerabire ŋŋende eka, nga sseetaaga kuyimirira awo kuddamu kumeggana. Naye sisobola kubeera Billy Granham, ne Billy Graham tasobola kubeera nze. Fenna tuli . . . Sisobola kubeera Oral Roberts; ne Oral Roberts tasobola kubeera nze.

32 Oli, buli omu ku mmwe, alina we yateekebwa mu nteekateeka ya Katonda, mu kifo kye nga ye. Omu asiiba ekiseera kyonna n'assa kimu ne Katonda, ate omulala n'agoba emizimu olw'okuba ono omulala asiiba. Naye gwonna awamu Mubiri gwa Kristo nga gukolera wamu, obumu. Bwe tulaba emiziziko gy'ebibiina by'amadiini gino nga gitwawulayawula, ekyo ky'ekirumya omutima gwange, mukiraba, kubanga ekyo ky'ekintu ekitwawulayawula. Tuli omu.

33 Mu ffe temuliimu bantu ba maanyi, temuliimu bantu ba kitalo mu makkati gaffe. Ffenna tuli kye kimu. Tuli baana ba Katonda. Waliwo omu yekka ow'ekitalo mu makkati gaffe, era oyo ye Kristo. Tuteekwa okumutegeera. Era bwe tunoonya ekitiibwa, omu okuva eri omulala, tetusobola kuba na kukkiriza, kubanga tubeera tulina kukkiriza buli omu mu munne. Tulina kuba na kukkiriza mu Kristo. Ye gwe tuteekwa okubaamu

n'okukkiriza mu ffe, wamu n'okukkiriza mu ekyo ky'Akola ne ky'atuwadde.

34 Kati, tewali yali ayinza kutwala kifo kya Musa. Wadde yadduka atya, era wadde yagezaako atya okukidduka akyesambe, naye Katonda abeera amanyi ky'Akola. Yali amanyi kyennyini kye Yalina okukozesa akolemu Musa. Ebintu bino byali birina okubaawo. Kaakati, mulabeeyo, tewali yali ayinza kutwala kifo kye.

35 Kaakati mulabeeyo. Katonda yamuwa akabonero, okukakasa okuyitibwa kwe ne bye yali ayogerako, bwe yagenda e Misiri.

36 Kati, Katonda bulijjo awa omubaka akabonero, n'eddoboozi ly'akabonero ako. Era akabonero ako ke kooleka omuntu oyo ky'ali, bwe kaba nga kaawandiikibwa mu Byawandiikibwa.

37 Nga Yokaana bwe yagamba nti, "Nze ddoboozi ly'oyo ayogerera waggulu mu ddungu."

Baamubuuza nti, "Ye ggwe Masiya?"

38 N'agamba nti, "Si nze Masiya. Naye nze ddoboozi ly'oyo ayogerera waggulu mu ddungu, nga nnabbi Isaaya bwe yagamba." Yali asobola okweyoleka kyennyini ky'ali.

39 Era kati, okuva, mu ekyo, tukiraba nti Katonda, bulijjo, talina lw'akyusa nkola Ye gy'akolamu kintu kyonna. Tasobola kukyuka. Katonda buli kimu akikola mu ngeri y'emu yennyini, bw'A—bw'Aba asimba enkola Ye mw'akolera.

40 Era nga bwe nnagamba akawungeezi ka luli, Yakola okusalawo kumu, omuntu alina kulokolebwa Musaayi ogwayiika ogw'Oyo atalina musango. Tugezezzaako ebirala byonna, okuleetera omuntu okulokoka. Tugezezzaako okumutwala mu kifo we twazimba ekibuga, ekyo Nebukadduneeza kye yakola. Ne bazimba omunaala, ekyo Nimuloodi kye yakola. Baalina amateeka. Era babadde ne zi yeekaalu. Babadde n'amakanisa. Babadde n'ebibiina. Babadde n'enkola z'eby'enjigiriza, enkola z'ebibiina by'amadiini, nga bagezaako okutuusa omuntu eri Katonda. Naye byonna, buli kimu ku byo, kyalemwa. Bulijjo bijja kulemwa. Kikomawo nga gulina kuba Musaayi ogwayiika!

41 Engeri ya Katonda ey'okukolamu ekintu kyonna yayogerwa mu Kigambo Kye. Era Ekigambo kino kwe kubikkulirwa kwa Yesu Kristo mu bujjuvu bwakwo, tewali kirina kukigattibwako wadde okukitoolebwako. "Buli akikola yenna," Bayibuli egamba nti, "omugabo gwe guliggyibwa mu Kitabo ky'Omwana gw'endiga eky'Obulamu," bw'akigattako ekintu kyonna oba n'abaako ekintu kyonna ky'akitoolako. Kitwale butwazi nga bwe Kiwandiikiddwa.

42 Bayibuli teyeetaaga muntu yenna kugivvuunula, Katonda ye yevvuunulira Ebibye. Agivvuunula nga aleetera ekyo

ky'aba Ayogedde okutuukirira. Ekyo kimala. Katonda bw'aba yakyogera, era n'Akikola, ekyo kimala. Tekyetaaga muvvuunuzi. Bayibuli egamba nti, "Teyeetaaga nzivuunula ya muntu ku bubwe ye."

43 Eyo y'engeri ya Katonda gy'akikolamu! Bulijjo abeera mwesigwa eri akabonero Ke k'aba asindise, Akagobereza eddoboozi Lye; buli, mulundi, Katonda lw'asindika akabonero mu nsi. "Kati Katonda talina kintu kyonna ky'akola," bw'etyo Bayibuli bw'egamba, "nga Tasoose kukiraga baweereza Be bannabbi." Kati ekyo, bwe. . .Ekyo bwe kiba nga kikyamu, kitegeeza n'ebisigadde bikyamu, mukiraba. Talina kintu kyonna ky'akola nga Tasoose kukiraga.

44 Era omulabi oyo, nnabbi, abeera alina okukakasibwa, nti ky'alagula, ekyo tukisanga mu Okubala 12:6, nti ekyo ky'ayogera kituukirira. Awo, mukikkirize. Naye bwe kitatuukirira, awo temukikkiriza. Era kiteekwa okuba nti ekyo, Ye. . .Ne bw'ayogera atya, ne kituukirira, n'ebirala byonna; bwe kiba tekikwatagana na Kigambo, era kisigala kikyamu. Kiteekwa okuba nga kikwatagana n'Ekigambo. Kiteekwa okuba nga kikkiriziganya bulungi n'Ekigambo okusobola okubeera akabonero k'ekiseera ekyo, ekiseera mw'ali.

45 Kati, kino Katonda yali yakisuubiza, nti Yali agenda kununula abantu Be n'omukono ogw'amaanyi. Kati, Ekigambo kino, Teyayita kabona, Teyayita labbi, Teyayita mukungu. Yayita musumba, eyali eyo ku lusozi, eyali yadduka, eyazaalibwa, nga yayawulibwa okuba nnabbi eyali tayagala mulimu gwe.

46 Bw'owulira abantu abayaayaana okubeera *kino, na kiri,* na *kiri,* oba ekintu kyonna, weetegereze bulungi, Katonda tabakozesa. Katonda yalina okuyigga Musa amuggye gye yali, okusobola okumufuna. Yalina okuyigga Pawulo amuggye gye yali, okusobola okumufuna. Ya. . .Abeera muntu oyo atayagala kukikola, abeera tayagala bintu ebyo; olwo Katonda n'akwata omuntu oyo, abeera tayagala kukikola, Asobole okumwolesezaamu ekitiibwa Kye.

47 Kaakati mulabeeyo. Buli—buli kabonero akatuufu akava eri Katonda kabaako eddoboozi erikagoberera. Kati bwe weetegereza wano, ekitundu kye tusomye kigambye nti a. . .akabonero n'eddoboozi. "Bwe batalikkiriza ddoboozi ly'akabonero akasooka, balikkiriza eddoboozi ly'akabonero ak'okubiri." Kati, akabonero kalina eddoboozi. Era, kati, buli kabonero akatuufu akava eri Katonda kaba n'eddoboozi, era eddoboozi eryo liteekwa kwogera kusinziira ku Kigambo ekyaweebwa eky'ekiseera ekyo, ddala nga bwe kigamba.

48 Eddoboozi singa lijja, eddoboozi lye limu ery'edda. . . Manya, singa mulaba akabonero, nga akabobero ako omuntu k'akola y'endowooza y'emu ebaddengawo, awo butereevu musobola okugamba nti, "Ako tekavudde wa Katonda,"

bwe kagenda mu maaso nga kakkaatiriza ndowooza y'emu ebaddengawo. Kaba tekavudde gy'ali. Si gye kaba kavudde. Kabeera kakontana n'enteeketeeka ya Katonda.

49 Kirina kuba kintu ekipya. Kirina kuba kintu abantu kye batategeera. Kirina kuba. . . bwe kitaba ekyo tekijja kusindikibwa. Kiba tekyetaaga kusindikibwa, bw'eba nga y'endowooza y'emu ey'enjigiriza y'eddiini ebaddengawo. Kirina kuba kintu eky'enjawulo, naye ate kirina okuba nga kyogerwako mu Kigambo, nti kya kiseera ekyo. Mukiraba, obukakafu bw'Ekigambo kya Katonda, ekyo kye kirina okuba. Tekirina kubaamu nsobi za bulagajjavu yadde. Galina kuba Mazima; galina okukakasibwa Katonda, nti ge Mazima. N'omuntu akyogera alina okukakasibwa Katonda, nti mulabi okuva ewa Katonda, ekitali ekyo kiba kikyamu; n'okukiraba—n'okukiraba takiraba, n'akatono, n'okukikkiriza takikkiriza.

50 Obubonero bu—buva wa Katonda. Akabonero akagoberera. . . Manya, eddoboozi erigoberera akabonero liteekwa kuba ddoboozi lya Katonda eryogera okuva mu Kigambo, eky'omulembe ogwo. Mukitegeera?

51 Katonda awa obubonero. Akola kyaki? Bulijjo awa obubonero! Yabagamba nti omwo mwe banaamulabiranga, mu bubonero. Katonda awa obubonero okusobola okusikiriza ebirowoozo by'abantu Be. Kaakati kino leka tukinnyonnyoke, bulungi. Mukiraba, obubonero buweebwa okusobola okusikiriza ebirowoozo by'abantu. Kubanga, akabonero akavudde ewa Katonda bwe kaweebwa, Katonda aba mwetegefu okwogera. Katonda aba mwetegefu okwogera, akabonero bwe kaweebwa. Bwe kaba kavudde mu Ggulu, kaba kavudde wa Katonda, era Katonda aba mwetegefu okwogera era Abeera agezaako kusikiriza birowoozo bya bantu.

52 Era Ekigambo kijja eri nnabbi We. Era nnabbi ategeererwa ku kabonero k'ayolesa, olwo n'alyoka ajja eri Ekigambo olwo Ekigambo ne kirabisibwa. Ekyo kimala; tekyetaaga kuvvuunulwa kwonna. Katonda aba amaze okukivvuunula. Mukiraba, kituukiridde ddala nga bwe kisoboka.

53 Kaakati mulabeeyo, Katonda awa obubonero okusobola okusikiriza ebirowoozo by'abantu.

54 Wano, ekisaka ekyali kyaka ke kaali akabonero ak'okusikiriza nnabbi; ekisaka ekyali kyaka. Musa yali mabega wa ddungu, nga alunda ndiga ze, yali mulunzi wa ndiga, wa myaka kinaana, nga alina ekirevu ekiwanvu; nga ob'olyawo, bw'agenda atambulatambula, nga ayita mu kakubo akakadde mwe yayitanga, lumu ku makya agajjudde ebbugumu. Era amangu ago, omulundi gumu, ekisaka ne kikwata Omuliro, naye nga ekisaka ekyo tekisiriira. Kaakati, okutwaliza awamu ekyo tekyali kya bulijjo n'akatono.

55 Kati, Musa nga bwe yali munnassaayansi, kubanga, yali yayigirizibwa mu magezi gonna ag'Abamisiri, era nga baali bannassayansi ba maanyi nnyo okusinga be tulina olwa leero; n'olwekyo nga bwe yali munnassaayansi, kirabika yagamba nti, "Kaakati ŋŋenda kugenda ndabe kika kya-. . . kirungo ki ekyafuuyibwa ku bikoola ebyo, ekikuumye omuti ogwo obutasiriira." Mukiraba, singa yakikwata mu ngeri ya kinnassaayansi, Teyandyogedde naye.

56 Era bwe kityo bwe kiri ne leero, bwe tugezaako okukikola nga tuyita mu ttendekero n'obuyigirize, mu ngeri ey'ekinnassaayansi, Katonda ojja kumusubwa mayiro bukadde na bukadde. Kikwate nga Musa, yaggyamu engatto ze; mu buwombeefu, mu bwetoowaze.

57 Naye, kati, ako ke kaali akabonero ak'okusikiriza nnabbi. Kati, awo, akabonero ako kalina okuba n'eddoboozi. Era eddoboozi eryo bwe lyayogera, singa Teryayogera kusinziira ku Byawandiikibwa, sikkiriza nga nnabbi yandiriwulirizza. Naye mulabe engeri eddoboozi eryo eryagoberera akabonero gye lyali likwataganira ddala n'Ebyandiikibwa, lyakakasa nti yali Katonda, kubanga Yagamba nti, "Mpulidde okusinda kw'abantu Bange, era nzijukidde ekisuubizo kye nnakola gye bali." Mukiraba, akabonero, n'oluvannyuma eddoboozi ery'Ebyawandiikibwa emabega w'akabonero.

58 Kaakati ekyo kiragira ddala kye nnaakava okukkaatiriza. Kateekwa kuba kabonero akava eri Katonda, era, bwe kaba nga kye kali, waliwo eddoboozi ery'Ebyawandiikibwa eribeera emabega waako, ery'ekisuubizo ky'ekiseera ekyo. Si ndowooza y'emu ebaddengawo; ba labbi n'abalala aba buli ngeri abayita mu matendekero, oba buli kimu, nga bwe byabanga ebbanga lyonna, ebbanga lyonna, bakabona, n'abalala. Naye kino kintu ekipya, era kiri mu Byawandiikibwa, kisuubizo; era kabonero ak'okusikiriza nnabbi.

59 Era kati, Yagamba, nti nga tannagenda mmanga eyo, alina okuba n'ekintu eky'okumukakasa nti nnabbi, mukiraba, nga tebannamusembeza. N'agamba nti, "Tebajja kugamba nti Mukama yandabikira."

60 N'amugamba nti, "Kati, Nja kukuwa obubonero bubiri bw'olikola, era obwo bujja kusikiriza ebirowoozo by'abantu. Era ebirowoozo by'abantu bwe birisikirizibwa, olyogera ebigambo bino gye bali nti, 'Nze Katonda wa Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo, era nzijukidde ekisuubizo Kyange.' Era nkutumye ogendeyo obanunule, era Nja kubeera naawe."

61 Mwali mwetegerezza akabonero ke akaasooka? Yalina okugeegeenyezebwa okwa buli ngeri kwe baakola. Buli muntu yagezaako okusuula wansi omusota. Ekyo. . .Ekyo bwe kiba nga abantu si kye baddiŋŋana, simanyi kiki kye kiri, mukiraba. Mukiraba? Naye ddoboozi kika ki lye baalina emabega waakyo?

Tewali; lyali ddoboozi lya Kimisiri ery'ensi. Wadde baali basobola okukola akabonero, naye tebaalina ddoboozi mabega waako, kukanyweza. Naye Musa yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Eyo y'eyali enjawulo. Abageegeenya ku nkomerero ya byonna baagenda mu maaso okumala ebbanga ddene, naye baakomekkereza bafuluse.

62 Mukimanyi nti Bayibuli egamba nti ekyo era ky'ekiribaawo mu nnaku ez'oluvannyuma? "Nga Yane ne Yambere bwe baaziyiza Musa, n'abantu ab'endowooza ezaakyamizibwa okuva ku Mazima baligaziyiza." Ani Mazima? Yesu Kristo ye Mazima. Mukiraba? "Ab'endowooza ezaakyamizibwa okuva ku Mazima."

63 Kaakati Yakuwa agenda kwogera nga akozesa Ekigambo Kye ekyasuubizibwa. Kati kitegeeza Ateekwa okuteekateeka nnabbi ono amusindikeyo. Kubanga, bulijjo kiri mu ndowooza Ye, mu nkola Ye, buli mulundi okusindika nnabbi We n'Ekigambo, n'okukakasa nnabbi oyo.

64 Nate era, kano kabonero akaasuubizibwa. Nnabbi, nga ye, abeera kabonero. Bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Bw'olaba ebiseera nga biggwaayo, n'olaba n'okujja. . .Kwata ebyafaayo bya Bayibuli, obisome obyekkaanye. Buli lw'olaba ebbanga eddene nga liyise; naye mu kaseera ako w'olabira nnabbi nga ajja, kaabanga kabonero ka musango. Katonda yabanga agenda kusalira nsi musango, bwe Ya. . .oba eggwanga, oba abantu, buli lw'olaba nnabbi nga ajja. Nnina obubaka bwe nnakibuulirako, mmwe abakwata entambi mubujjukira, e. . .*Akabonero Akatuufu Akabuusibwa Amaaso*. Bulijjo bakabuusa amaaso, bulijjo bakikozenga, naye kaabanga kabonero ak'omusango ogujja.

65 Kati Ekigambo Kye kituukirizibwa mu ddoboozi Lye. Ky'Asuubiza, kati Atuukiriza Ekigambo Kye okuyita mu ddoboozi.

66 Okujja kwa nnabbi kaba kabonero akalabula nti omusango gusembedde. Buljjo bwe kibaddenga. Leka nnokoleyo omu.

67 Mulabe Nuuwa bwe yasituka mu nnaku ez'oluvannyuma, mu—mu nnaku ez'ensi eyaliwo nga amataba tegannabaawo, nga nnabbi n'agenda nga awa obunnabbi. Kiki ekyabaawo? Ekyaddirira amangu ddala gwali musango.

68 Musa yagenda e Misiri, nnabbi eyakakasibwa n'obubonero bwa nnabbi. Kiki ekyaddirira? Omusango gwakka ku Misiri mu kaseera katono oluvannyuma.

69 Eriya yajja, nnabbi, n'alagula eri Akabu n'eggwanga eryo. Kiki ekyaddirira? Omusango gwalikuba mu kaseera katono oluvannyuma. Mazima ddala.

70 Yokaana Omubatiza n'ajja, nga akabonero. Yali nnabbi. Yali nnabbi-akabonero akajja ku nsi. Baakimanya, bwe yajja, nti

Masiya y'ajja okwogera, oluvannyuma lwe nga amaze. Bwe kyalina okuba, olwa, okufuna a—abalonde.

71 Kino kibaawo kusobola kufuna balonde abalina okufulumayo, nga mu nnaku za Nuuwa. Nga mu nnaku za—z'Eriya, akasanvu manya olusanvu, oba kyonna kye baali, abaali batavunnamanga maviivi gaabwe, okubayitayo. Yokaana bwe yayitayo abalonde, n'abawaayo eri Kristo bwe Yajja, yawaanyisa ekkanisa ye, n'agamba nti, "Nze nteekwa okutoowala, Ye ateekwa okukula, kubanga," n'agamba nti, "Nze ndi ddoboozi buloboozi ery'Oyo, ayogerera waggulu mu ddungu nti, 'mulongoose ekkubo lya Mukama.'" Ne Yesu yajja mu ngeri y'emu. Kategeka abalonde okuwulira eddoboozi lya Katonda, ekyo akabonero ak'obunnabbi kye kali. O, singa mugoberera Obubaka buno, mutegeke e-. . . butegeka abalonde. Si bali abalala, abo tebalibuwulira. Abalonde be baayitibwa.

72 Malayika oli yagenda eri b'ani, mu Sodoma, eyakola akabonero ako? Yagenda eri Ibulayimu na kibinja kye. "Mudduke muve mu Sodoma; kigenda kwokebwa!" Mukiraba? Yesu yasuubiza nti kiriddamu, ne kibaawo, nga bwe mumanyi, mu Sodoma eno. Kaakati mulabeeyo.

73 Kakola ki? Kateekateeka abalonde olw'obuddukiro bwa Katonda, nga bwe kyali mu biseera bya Nuuwa, ne mu biseera ebirala.

74 Ate ekirala kakola ki? Kasalira omusango oyo atakkiriza ow'amagezi ag'obwongo, n'agenda mu musango. Bulijjo kakikola. Okugaana ekisa, tewaba kirala kisigadde okuggyako omusango. N'olw'ekyo ka—kateekateeka atakkiriza ow'amagezi ag'obwongo olw'omusango. Kubanga, kiki kye bakola? Bakavumirira.

75 Eyo y'ensonga lwaki Abayudaaya baalya ennyama y'emibiri gyabwe bo. Eyo y'ensonga lwaki omusaayi gwakulukutira mu kibuga, Tito generaali ow'amaanyi ow'amagye ga Rooma, bwe yakiyingira n'embalaasi, kyava ku kuba nti baali bagaanye Omwoyo Omutukuvu. Omusango gwalina okujja kubanga baali bajolonze Omwoyo Omutukuvu. Yesu yabagamba, bwe baamuyita Beeruzebuli, Yabagamba nti, "Mbasonyiye," okutangirirwa kwali tekunnakolebwa, "naye," n'agamba nti, "Omwoyo Omutukuvu bw'alijja n'akola ekintu kye kimu, okumwogerako obubi tekirisonyiyibwa." Era omulembe ogwo tegwasonyiyibwa kintu ekyo. Bwe kiri.

76 Musango eri oyo atakkiriza! Kateekebwawo olw'ekigendererwa ekyo, okuwa ekitangaala eri omukkiriza, n'ekizikiza eri oyo atakkiriza. Nga Empagi y'Omuliro bwe yali; Yakolawo ekitangaala, okusomoka okugenda mu nsi ensuubize, n'ekizikiza eri abo abatakkiriza. Obubonero bwa Katonda ekyo bulijjo kye bukola, buziba amaaso g'oyo atakkiriza, ne buwa

okulaba n'ekitangaala okusobola okutambula eri omukkiriza. Eyo y'ensonga lwaki busindikibwa.

77 Obunnabbi bwe buba obutuufu, obunnabbi bwa nnabbi bwe buba obutuufu ne butuukirira, awo kubeera kulabula kwa Katonda. Kati mu Kubala 12:6, tusanga ekintu kye kimu, Ekyawandiikibwa.

78 Bayibuli yawandiikibwa basajja bano. Kati bwe tusoma mu Peetero Eky'okubiri 1:21, Wagamba nti, "Abasajja ab'edda, nga bakkiddwaako Omwoyo Omutukuvu, baawandiika Bayibuli."

79 Ne mu Abaebbulaniya 1:1, awo we twayogerako ekiro kya luli awagamba nti, "Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu ne mu ngeri ez'enjawulo yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi, naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma ayogera naffe okuyita mu Yesu Kristo, Omwana We."

80 Empagi y'Omuliro, akabonero; eddoboozi. . .manya e— eddoboozi lyali ligenda kwogera. Empagi y'Omuliro mu kisaka, lyali ddoboozi lya nkukunala nti Katonda yali ateekateeka okwogera.

81 Kaakati mwetegereze bulungi, kino temukisubwa. Miryamu bwe yasekerera mwannyina, Musa, ate nga yali nnabbi omukazi bwe yamusekerera, naye Katonda yakka wansi mu Mpagi eyo ey'Omuliro, Musa yakimanya nti Katonda yali ateekateeka okwogera. Kaali kabonero. Era eddoboozi eryakagoberera, lyagamba nti, "Ggwe totya Katonda?" Ne ligamba nti, "Mu nsi tewaliiyo mulala yenna alinga muweereza Wange, Musa."

82 Yakola ekintu kye kimu bwe baagolokoka ne bagamba nti waliwo. . .Dasani bwe yagolokoka, ne Koola, mu kuwakana kwe nga agamba mbu, "Waliwo abasajja abakusinga obutukuvu. Olowooza ye ggwe wekka mu kibinja kyonna." Katonda omulimu ogwo yali yagwawulira Musa!

83 Era bwe baayagala bafune ekibinja ekirala eky'abo abanaabagoberera, bakole ekibiina ekyabwe, Yamugamba nti, "Beeyawuleko. Nange nnaabasalira omusango. Nnaabazikiriza ne mbamalawo," era Yakikola. Ensi yabamira.

84 Kati tukiraba nti eyo bulijjo y'ebaddenga enkola ya Katonda. Empagi y'Omuliro eraga nti Eddoboozi liteekateeka okwogera. O, Texas, muyinza kubeera bazibe b'amaaso kwenkana wa? Mukyajjukira Houston. Kati waliwo Eddoboozi erigoberera akabonero.

85 Musa, nnabbi akabonero eri Isiraeri, yasuubiza nti Ekigambo kyetegefu okuba nga kikakasibwa.

86 Ekigambo kya Katonda nga kituukiridde, mu nkola ennuŋŋamu, buli mulundi! Mu ngeri y'emu era nga ne Urimu ne Sumimu, nga bwe nnagyogerako ekiro kya luli. Urimu ne Sumimu yaliwo, naye okuggyako nga akabonero kazze ku Urimu ne Sumimu eyo, eddoboozi eryo teryakkirizibwanga. Walina

okubaawo akabonero. Akabonero ne kakakasa eddoboozi. N'eddoboozi ne likakasa akabonero, nti kavudde wa Katonda. Eddoboozi ly'akabonero lye lyogera nti "yee" oba "nedda." Katonda bwe yakagaananga, nga Eddoboozi lyogera "nedda." Akabonero bwe kaabangawo, nga Katonda agamba nti "yee." Enkola ya Katonda tekyukangako. Ekyo tusobola okukimalako essaawa n'essaawa, naye tekyukangako.

87 Mulabeeyo, Yona nnabbi, mulabe akabonero ako. Yali mu lugendo lwe nga agenda Talusiisi. Yasimbula kugenda Nineeve, naye ate n'akwata olugendo olugenda e—e Talusiisi. Bangi basalira Yona omusango. Yona tasaana kusalirwa musango. Yali nnabbi. "Ebigere by'omutuukirivvu biruŋŋamizibwa Mukama," era yakwata olugendo olugenda e Talusiisi. Era omusajja oyo tugezaako okumusalira omusango, naye Yesu teyagumusalira.

88 Mwekkaanye, Yagamba nti, "Nga Yona bwe yali mu lubuto lwa lukwata, ennaku ssatu n'ebiro bisatu," kaali ka kubeera kabonero, "n'Omwana w'omuntu ateekwa okubeera mu mutima gw'ensi, ennaku ssatu n'ebiro bisatu. Era omulembe omubi era omwenzi gunoonya akabonero, naye tebaliweebwa kabonero konna kuva eri Katonda, mujjukire, okuggyako akabonero ka Yona." Akabonero ka Yona ke kaliwa? Okuzuukira. Era guno gwe mulembe gwa Sodoma guli, omwenzi, obwenzi obw'omwoyo, nga bak-. . . nga bakola obukaba obw'omwoyo okuwakanya Amazima ga Katonda, nga bagajolonga. "Ab'omulembe omubi era omwenzi bajja kunoonya akabonero, era bajja kukafuna, kajja kuba kabonero ka kuzuukira." Mulabeeyo, Yona . . .

89 Abantu abo baali bakaafiiri, era kyali ky'amaanyi . . . Kyali kibuga kya bya busuubuzi. Kye baali basinga okutunda byali byennyanja. Baaweerezanga ebyennyanja wonna mu ggwanga. Abasajja baali bavubi. Gwe gwali omulimu gwabwe. Era baali bakaafiiri, baasinzanga nsolo na bibumbe, era nga baayonooneka okukamala.

90 Nga eggwanga lino bwe liri kati, lyonna lijjudde bya bukaba na Hollywood, n'ebirala ebya buli ngeri, ne mu makanisa. Kati mulabe ekigenda mu maaso. Okutuusa nti, ebiseera ebimu n'okusikiriza okw'ekikaba mu kkanisa kuyitibwa kutambula na mulembe. Eggwanga lino liyinza litya okusigala nga likyalimu ensa mu makkati g'ekintu nga ekyo? Ne mweyita Abakristaayo, nga mukola ebintu eby'engeri eyo, liyinza litya okusigalamu ensa?

91 Nga mukwano gwange omulungi, Jack Moore, bwe yagamba, emyaka mingi egiyise nti, "Katonda bw'aleka eggwanga lino ne liyinaayina, Aliba avunaanyizibwa, nga Katonda omwenkanya, okuzuukiza Sodoma ne Gomola, abyetondere olw'okubyokya."

92 Muteekwa buteekwa okusalirwa omusango. Tewali ngeri ndala ya kukikkirizaamu. Mukiwandiike mu Bayibuli zammwe. Nze ŋŋenda nkaddiwa. Mulabe oba teririsalirwa musango.

Singa mbeerawo mu bulamu obwa bulijjo, nja kukiraba, singa mpangaala ekiseera ekya bulijjo. Mu myaka emirala nga giigyo kijja kubaawo.

93 Yona. Bonna baali mu kuvuba, awo nga mu ttuntu, ne wajja katonda w'ennyanja, n'avaayo mu mazzi, ekyennyanja ki lukwata, ne kijja ku lubalama ne kiwanda nnabbi ku lubalama. Nga kaali kabobero!

94 Katonda yatuusa nnabbi We gye yalina okugenda, n'obubaka. Kati akabonero baakalaba, akabonero bakakkiriza, kati obubaka bwe buliwa? "Mwenenye!" Eryo ly'eddoboozi ly'akabonero. Eddoboozi ly'akabonero lyali nti, "Mwenenye, oba si ekyo mu nnaku amakumi ana mujja kusaanyizibwawo." Era baasobola okwenenya.

95 Yesu yagamba nti, "Balisalira omulembe guno omusango, kubanga Yona bwe yababuulira beenenya; naye asinga Yona obukulu ali wano."

96 Eddoboozi lyali nti, "Mwenenye, oba si ekyo mu nnaku amakumi ana mujja kusaanyizibwawo."

97 Yokaana nnabbi, bwe yajja, nnabbi-akabonero bwe yajja, oluvannyuma lw'emyaka ebikumi bina nga tewali nnabbi. Baalina ab'amagezi ag'obwongo bonna. Nteeberezaamu akavuyo ke baalina! Okumala emyaka ebikumi bina, tewaaliwo nnabbi, naye ekiseera kyasembera Masiya mwe yalina okujjira. Kati, Yokaana ye yali akabonero, kubanga yali nnabbi, akaali kooleka nti Masiya yali mwetegefu okwogera, eddoboozi ly'akabonero; kubanga, mu Malaki 3, tulaba nga wagamba nti, "Ndituma omubaka Wange mu maaso Gange." Eriya yali wa kujja mu maaso Ge, era Eriya n'ajja. Yokaana, mu mwoyo n'amaanyi ga Eriya, yajja n'akolera ddala ekyo kyennyini Ebyawandiikibwa kye byagamba, naye tebaakitegeera. Bwe kityo Ekyawandiikibwa bwe kigamba. Yali kabonero, nnabbi akabonero, akaali kooleka nti Masiya yali agenda kwogera.

98 Nnabbi oyo, yali akimanyi bulungi nnyo, okutuusa nti yagamba nti, "Kati, waliwo Omu ayimiridde mu makkati gammwe, mu kaseera kano kennyini. Masiya oyo gwe njogerako, ali mu makkati gammwe. Ssisaanidde na kusumulula ngatto Ze. Oyo y'Alibatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro. Nze mbatiza na mazzi, olw'okwenenya, naye Alijja ennyuma wange. We njogerera Ali mu mmwe."

99 Lumu yalaba Omuvubuka omuto nga ajja, atambula. Yalaba Empagi y'Omuliro eyo, mu nkula ey'Ejjiba, nga ekka wansi okuva mu Ggulu; Eddoboozi, ne ligamba nti, "Ono ye Mwana Wange omwagalwa, gwe nsanyukira okutuulamu." Wagamba nti, "Mwe nsanyukira okutuula," kikolwa kye kyakulemberwa nakongeza kikolwa, kale kye kimu. "Mwe nsanyukira okutuula," oba, "mu Oyo gwe nsanyukira okutuulamu," tewali njawulo. Mulabeeyo, "Ndi musanyufu okutuula mu Ye."

100 Yokaana n'agamba nti, "Ntegeeza nga ŋŋamba nti Oyo eyaŋŋamba bwe nnali mu ddungu," ssi mu ttendekero lya bya ddiini, "mu ddungu, nti, 'Oyo gw'onoolaba nga Omwoyo amukkako, era n'amusigalako,' amiina, 'Ye Oyo alibatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro.' Era nkakasa nti ge Mazima."

101 Kyali kitegeeza ki? Nnabbi oyo yali kabonero akaali kooleka nti Masiya yali mwetegefu okwogera.

102 Masiya yali kiki? Masiya ye yali Ekigambo, mu bujjuvu. Ye yali obulamba bwa Katonda. Bannabbi baali Musana omutono ogumyansa. Naye mu Ye mwe mwali Omusana ogwo gwonna, gwali mu Masiya ono, kubanga Ye yali Katonda alabisiddwa, nga afuuse Emanweri, Katonda mu makkati gaffe mu mubiri gw'omuntu.

103 Masiya yali mwetegefu okwogera. Kaakati mulabeeyo, Bayibuli egamba, nti, "Ekigambo kya Mukama kijja eri nnabbi."

104 Kati wuuno wano Yokaana, oyo Yesu gwe yagamba nti ye "yali nnabbi asinga obukulu eyali abaddewo." Bw'atyo Yesu bwe yagamba, Matayo essuula ey'e 11 nti, "Mwagenderera kulaba ki, omusajja ayuuzibwa buli muyaga, ekibiina ky'eddiini *kino* ne kigamba nti, 'Nja kukwongera ebirala; ggwe kola *kino*'? Si Yokaana! Nedda, nedda. Omusajja gwe basobola okuwugulaza, n'atwalirizibwa? Nedda, yali nnabbi ataatendekebwa, era nga tasikiriza. Mwagenda kulaba musajja yenna anekaanekanye mu byambalo by'obwakabona?" Kye Yava abagamba nti, "Nedda, abo babeera mu mbiri za bakabaka. Abo be bagatta abavubuka mu bufumbo, ne banywegera obwana obuwere, ne baziika abakadde. Beebo bwe batyo. Tebalina kye bamanyi kikwata ku Kitala ekikwasibwa emikono ebiri. Kati mwagenda kulaba ki, nnabbi?" N'agamba nti, "Asingira ddala nnabbi!" Weewaawo, ye yali omubaka w'Endagaano, Katonda yali yasuubiza okumusindika.

105 Kaakati mulabeeyo wano, Yokaana nga ayimiridde mu mazzi, abatiza, nga agamba nti, "Ajja."

106 Era Ekigambo kiikino wano, nga tekikyali mu Ggulu, wabula nga kyambadde omubiri. Ekigambo kati mubiri, kaakati kiki ekiddako awo? Enkola y'Ebyawandiikibwa bya Katonda eri etya? Ekigambo kyajja eri nnabbi, eri mu ddungu, wennyini mu kidiba. Ekigambo kyajja eri nnabbi.

107 Yokaana yayimusa amaaso, n'amugamba nti, "Nze nneetaaga Ggwe okumbatiza."

108 Kati muganda wange, omwagalwa, Dokita Davis, ow'ekkanisa ya Missionary Baptist, ye yambatiza mu nzikiriza y'Ekikristaayo, bw'aba waali wano akawungeezi kano, sigenderera kumulumya. Kubanga, abeera wano mu Texas, ava mu kitundu kino wano mu Davis Mountains. Naye nzijukira lumu lwe twawakana ku nsonga eyo, nnali nkyali muvubuka

muto. Era nnamugamba nti, “Tekiwulikika kuba kituufu, Dokita Davis.”

109 Yagamba nti, “Ekyabaawo, ku olwo Yesu yabatiza Yokaana, ate oluvannyuma Yokaana n’abatiza Yesu, kubanga Yokaana yali tabatizibwanga.” Gyendi tekyampulikikira nga ekituufu.

110 Nnasigala nnindirirra, nga nneekkaanya, bwe nneewuunaganya. Nga siyinza kukyogerako kintu kyonna, naye lwali lumu Mukama n’akibikkula.

111 Kaakati mwekkaanye Yesu kye yagamba. Yokaana yamugamba nti, “Nze nneetaaga Ggwe okumbatiza, ate lwaki Ojja gyendi?”

112 Yesu n’amugamba nti, “Kikkirize kibeeere bwe kityo, kubanga kitugwaniira okutuukiriza obutuukirivu bwonna.”

113 Yokaana yamanya Yali Ani. Abo awo be bakulembeze b’ensi ababiri, abakulembeze b’ekkanisa babiri, Katonda ne nnabbi We, nga bayimiridde wamu. Kaakati, mulabeeyo, balina okumanya.

114 Yesu yagamba nti, “Kikkirize kibeere bwe kityo, kituufu bwe kityo bwe kirina okuba, naye kitugwanira okutuukiriza obutuukirivu bwonna, Ekigambo ekyasuubizibwa.”

115 Ssaddaaka yalina okusooka okunaazibwa nga tennaweebwayo. Yokaana yabatiza Yesu kubanga Ye yali Ssaddaaka. Mukiraba? Ssaddaaka yalina okusooka okunaazibwa nga tennaweebwayo. Yatambula n’agendayo, era Ssaddaaka n’enaazibwa, oluvannyuma n’Awebwaayo mu ngeri entuufu. Yagamba nti, “Ogwo gwe gwali Omwana gw’endiga gwa Katonda.”

116 Yatambula n’agenda ku lubalama, era tulaba wano Omwoyo wa Katonda nga amukkako, n’agamba nti, “Ono ye Mwana Wange omwagalwa.” Mukiraba, awo n’alyoka Ayanjulwa eri abantu mu lujjudde. Naye Ssaddaaka bwe yali tennaweebwayo, yalina okusooka n’enaazibwa; bwe lityo etteeka ly’Endagaano Enkadde bwe ligamba. Kale.

117 Masiya yali ateekateeka okwogera, kubanga wano akabonero ka nnabbi kaali kabisiddwa. Era bwe baalaba nnabbi oyo nga azze, oluvannyuma lw’okumala emyaka egyo ebikumi bina nga tebalina nnabbi yenna, baakimanya nti, eddoboozi eriddako yali Masiya.

118 Kaakati mmwe abasomi ba Bayibuli ekyo mukifumiitirizeeko mu buziba okumala eddakiika entonotono. Bwe baba nga beekaliriza obutonde bwe, baalemwa batya okumutegeera? Baalemwa batya okumutegeera nti ye yali ye, Yokaana? Obutonde bwe bwali bweraga lwatu, omwoyo gwe n’obutonde bwe byali biraga nti yali Eriya. Kaakati weetegereze omwoyo gwe yalina. Kati, yali Yokaana Omubatiza, naye omwoyo wa Eriya y’eyamuliko.

119 Mwetegereze, ekisooka, Eriya yali musajja eyali ayagala ennyo ettale. Mukiraba? Ne Yokaana yali musajja wa mu ttale.

120 Era Eriya yali musajja eyavumirira enkola eyo ey'ebibiina, eyaliwo mu kiseera ekyo, n'amaanyi ge gonna. Ne Yokaana kye yakola, "Mmwe abaana b'emisota. Ani abalabudde okudduka obusungu? Temugeza okugamba mbu, 'Nnina *kino, kiri,* oba *kiri*.' Katonda okuva mu mayinja gano asobola okuyimusaamu abazzukulu eri Ibulayimu." Mulaba obutonde obw'emirundi ebiri?

121 Era mulabe Eriya, yanenya ba Yezeberi abo bonna abeesiiganga langi mu maaso mu mulembe gwe, abakazi abo abagwenyufu. Yokaana yakola ki? Yakola ekintu kye kimu, eri Kerodiya. Bombiriri, ekyo kye kyabaviirako okufa.

122 Mulabe Eriya, bwe yamala okukola omulimu ogwo ogw'amaanyi, ne yeekyawa, n'agalamira wansi n'asaba Katonda amutwale. Ne Yokaana yakola ekintu kye kimu, naye yagalamira awo n'atuma abayigirizwa be, n'abagamba nti, "Mugende mumubuuze. Ye Wuuyo oba tulindeyo omulala?" Ekyo Yesu yali akimanyi.

123 Yali Eriya. Obwo bwe bwalina okuba obutonde bwe. Yalabisibwa ddala nga Eriya bwe yali. Yali mu mwoyo gwa Eriya.

124 Gwa kujja emirundi etaano, omwoyo ogwo, gy'emirundi gye gunaakozesebwa: Eriya, Erisa, Yokaana, Malaki 4, n'oluvannyuma eri Abayudaaya. Ennaku ez'oluvannyuma, mwe tuli akawungeezi kano, omwoyo wa Eriya. Kaakati mulabeeyo.

125 Olwa leero, njagala mutunuulire bannabbi ba Akabu be tulina ensangi zino, abaleka ba Yezeberi baabwe ne basalako enviiri zaabwe, ne beesiiga langi mu maaso, ne bambala ebinu, ne bafuuwa sigala, ne bakola buli kimu ne babagamba mbu, "Tebiriimu kabi." Bannabbi ba Akabu be tulina—be tulina ensangi zino, abagoberera amatendekero gaabwe bye gaabayigiriza, mazima ddala, ababakulembera nga bakozesa ebigunje n'ebibiina by'amadiini. Kiki kye bali? Bannabbi ba Akabu.

126 Twetaaga wagolokokeyo Mikaaya omulala. Manya mu kiseera kya Akabu, Eriya ye yajja. Oyo, ye yasuubizibwa.

127 Bamala gabakulembera, nga bwe babatwala yonna gye baagala bagende. Bwe batakola ekyo, bwe babayisa obubi wano, bajja kugenda erudda beegatte ku kibiina *kino* era basigale nga ba—ba—bakyeyita Bakristaayo.

128 Naye nga, tebalokokanga, yadde. Obutonde bwabwe bwennyini bukikakasa. Osobola okunoga ezzabbibu okuva ku muti ogw'amaggwa? Osobola okunoga wootameroni ku kiryo ky'ensujju? Obutonde bwennyini bulaga nti tebalina kakwate konna na Kigambo. Bakijolonga, ne bakivvoola. Ate

nga kyawandiikibwa nti, “BW’ATI BW’AYOGERA MUKAMA, ebintu bino bijja kubaawo,” naye bakijerega, ne bakijolonga.

129 Tekyewuunyisa Yesu yagamba nti, “Kabaka omukazi ow’omu Bukiikaddyo aligolokoka wamu n’omulembe guno, mu nnaku ez’oluvannyuma, n’agulumiriza; kubanga yava ku nkomerero y’ensi, okujja alabe omusajja eyalina ekirabo eky’amagezi.” N’agamba nti, “Oyo asinga Sulemaani obukulu ali wano.” Weewaawo. Sulemaani, ennaku ze, ze zaali ezimu ku nnaku ez’amaanyi. Abantu bonna bakkiriza ekirabo kino Katonda kye yabawa, Sulemaani ono, era ettutumu lye—lye lyabuna buli wamu wonna. Watya singa ffe abantu b’omulembe guno. . .

130 Kati ffe Abamerika, bulijjo tugezaako okubaako enteekateeka gye tugunjaawo ey’okulwanyisa obwannaakalyak’ani. Enteekateeka ya Katonda *yiino* wano egamba nti, “Mwenenye! Mukyuke mudde eri Katonda!” Tubeeko enteekateeka gye tugunjaawo? Singa bakola Ekyo, obwannaakalyak’ani twandibwerabidde.

131 Isiraeri yonna bwe bakkiriza ekirabo ekyo Katonda kye yabawa. Singa Amerika esobola okuwa. . .singa basobola okukkiriza ekirabo Katonda ky’atuwadde, mu nnaku zino ez’oluvannyuma, Omwana We, mu nkula ey’Omwoyo Omutukuvu, eyazuukira okuva mu bafu, nga mulamu mu makkati gaffe okusinziira ku kisuubizo Kye. Nyabula singa Ekyo basobola okukiwa ekitiibwa ekikigwanira!

132 Kijja kugenda eri Balonde bokka. “Kubanga tewali muntu ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y’amuwaludde. Era bonna Kitange be yampa, bajja kujja.” Osiga busizi nsigo; zigwa, ezimu *eno* n’endala *eri*, naye era, waliwo okusiga ensigo. Zijja kufuna we zisimba emirandira yonna gye giri. Zijja kugifuna.

133 Mwetegereze, baabano wano, era tukiraba nti mu kiseera ekyo, Akabu, eggwanga lyali lireetedde Abaisraeri abo okukola ebintu ebya buli ngeri bye baagala okukola, ate ne basigala nga bakyeyita Baisraeri.

134 Eriya oyo nga yavumirira omulembe ogwo, n’amaanyi ge gonna, nga ne Katonda bw’amukakasa. Era yali nnabbi.

135 N’okujja bwe kwali tekunnabaawo, ne Yokaana yakola ekintu kye kimu! Yeesowolayo n’alumba Isiraeri. . .Baali baafumbiza omukazi ono eri—eri Kero-. . .eri Kerode, eyali mukyala wa muganda we Philip. N’agenda n’amweŋŋanga; yali teyekkiriranya. Yali tatya nti omukadde w’ekkanisa ajja kumugoba mu kkanisa. Teyalina kaadi yonna eraga kibinja ki eky’abantu b’akuŋŋaana nabo; yakuŋŋaananga na Katonda yekka. Yali nnabbi We. Ekigambo kyali naye. Yali teyeetaaga kugenda kubaako mulabirizi yenna oba abadiikoni b’abuuza. Yali yafukibwako amafuta. Yalina Ekigambo. Yatambula butereevu n’agenda amwesimba mu maaso n’amugamba nti,

"Kimenya mateeka ggwe okubeera n'omukazi ono!" Ddala. Teyekkiriranyaako, na muntu yenna.

Abakazi abo ababi abaakolanga obwenzi, n'okwejeeguula!

136 Nga Amosi, bwe yajja, n'atunula eky'emmanga. Tetumanyi na wa gye yava. Bannange, nga ateekwa okuba nga yalengera ekibuga ekyo eky'e Samaliya! Nga abalambuzi bwe baakolanga, nga kyonna kirabika bulungi, nga ababuulizi bonna bassa kimu ne—n'amawanga, n'ekiwayi ky'amawanga na buli omu, naye ate ne basigala nga bakyatambulira mu kibi! Amaaso ge gaayimbaala, omutwe gwe ogw'ekiwalaata ne gumasamasa, wuuyo n'avaayo n'aserengeta. Teya . . . teyalina ndabika eri awo esikiriza, naye yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

137 Twetaagayo Amosi olwa leero ajje. Singa ajja tunaamusembeza? Weewaawo nedda, era nga bwe bataamusembeza. Abeera wa kujja, ayuzeeyuze buli kibiina, buli kibiina kya ddiini, buli mukazi ayambadde ekinu, buli Yezeberi eyakomola enviiri. Aba wa kubayuzaayuza abaleke bulere. Baba bajja kumufubutula agende ku luguudo, nga bamuyita, "Omuzoole oyo!" Naye aba ajja kuba ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, kubanga bwe kityo bwe kyawandiikibwa. Ekibiina ky'eddiini kiba kinaamusembeza? Nedda.

138 Teyalina muntu yenna wa kuvujjirira nteekateeka ye. Ddala ekibuga kino eky'amaanyi, ekibuga amatiribona ekifumbekeddemu o—okwaka, nga Samaliya bwe yali, baali basobola okusembeza omusajja nga ono atamanyiddwa atalina bw'ali atalina kaadi ya kibiina ky'akuŋŋaana nakyo, atalina amuvujjirira, oba ekintu kyonna? Teyalina kuvujjirirwa kwonna. Teyalina kaadi yonna eraga kibiina mw'akuŋŋaanira, teyalina ttendekero mwe yava. Naye yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Era okujja kwe, nga nnabbi, kaali kabonero. Eddoboozi lye lyali liva wa Katonda, era kyakakasibwa mu nnaku za Yerobowaamu Ow'okubiri. Buli kimu kye yayogera kyatuukirira.

139 Kaakati tukiraba, mu kiseera kino mwe tuli, nti ekintu ky'ekimu ekyo kye kiddamu nate. Abaweereza n'abantu, bakwatibwa ensonyi okuyimirira mu kituuti, ne—n'Enjiri n'efuuka aw'okujja eky'okulya. Batya okubaako ekintu kyonna kye boogera, nti omuntu omu ajja kubagoba mu *kino, ekyo,* oba *kiri*.

140 Waliwo Omuntu omu yekka asobola okukugoba mu Ggulu, oyo ye Katonda. Kaakati onoogebebwa otya mu Ggulu, olw'okunywerera ku Kigambo Kye? Ekyo kye Yakutuma okole.

141 Mujjukire nti, Bayibuli egamba nti, mu kiseera bwe kityo nga bwe kyali mu biro bya Eriya, mu mulembe ogwo nga bwe kyali mu biro bya Yokaana, Malaki 4 alikomawo nate ku nsi. "Nditumа Eriya."

142 Kaakati ekyo temukitabulatabula ne Malaki 3 awagamba nti, “Ntuma omubaka Wange mu maaso Gange.” Oyo naye, yali Eriya.

143 Naye mu Malaki 4, Yagamba nti, “Olunaku lwa Mukama olukulu era olw’entiisa bwe luliba terunnatuuka, ensi yonna lw’eryokebwa nga ekikoomi, n’abatuukirivu ne balinnyirira evvu ly’ababi,” okwo kwe kufuga okw’Emyaka Olukumi, “Nditurna Eriya nnabbi.” Era alikola ki? “Alizzaayo okukkiriza kw’abaana eri bakitaabwe abatume,” abazzeeyo ku Kigambo. Ajja kuba alina kuba nnabbi. “Nja kumutuma.” Ajja kukakasibwa mu buli kimu. Obutonde bwe bujja kuba bwe bumu ddala, nga obwa Eriya bwe bwali. Obubaka bwe bujja kuba mu kkowe eryo lyennyini. Ajja kunenya, ayuzeeyuze. Tajja kuba na bassa kimu naye, tajja kuba na bakolagana naye, yadde, naye Ajja kuba ne BW’ATI BW’AYOGERA MUKAMA.

144 Kaakati, mujjukire nti, wabaddewo ebibinja ebya buli ngeri ebizze bigolokoka ne bigamba nti, “*Guno* gwe munagiro gwa Eriya, era *eno* y’enjigiriza ya Eriya.” Ekibinja kyonna, ekibiina, ne kifuuka ekibinja kya Eriya, manya omunagiro gwa Eriya. Ebyawandiikibwa bwe bityo si bwe bigamba. Katonda takolaganangako na kibinja mu ngeri eyo.

145 Eriya bwe yajja, ne Yokaana Omubatiza, bombi baavumirira ebibinja n’ekibiina. Tebaakikolako. Abivumirira, era nga bwe baabivumirira; Eriya ne Yokaana, bombiriri. Si kibinja oba kibiina kya ddiini. Naye bombi, mu biseera byabwe bombiriri, baavumirira ebibinja n’ebibiina.

146 Kaakati ekyo kitegeeza ki? Akabonero ak’ekiseera eky’enkomerero mazima ddala kajja kutambulira wamu n’Eddoboozi ery’ebiseera eby’enkomerero. Eriya alina okujja, nga musajja eyafukibwako amafuta era alina omwoyo ogwo; nga musajja wa ttale, n’ebirala, era ayagala eby’engeri eyo, era ajje okukakasa. Kaakati mulabe Ebyawandiikibwa kye bigamba kaakano, muleme kulimbibwa, mukiraba, akabonero ak’ekiseera eky’enkomerero n’Eddoboozi ery’ekiseera eky’enkomerero.

147 Katonda talina wantu wonna mu Byawandiikibwa, we yali akozesezza kibinja. Akozesa muntu omu, kubanga buli muntu wa njawulo ku munne. Buli muntu, engalo zaffe ensajja za njawulo, ennyindo zaffe za njawulo, ebikolwa byaffe bya njawulo. Afuna omuntu omu, Asobola okumuteeka mu layini bulungi ddala okutuusa lw’aba nti asobola okufuuka Ekigambo ekyo.

148 Y’ensonga lwaki Pawulo, yagamba nti, “N’olw’obukulu obusinga ennyo obw’ebyo ebyabikkulibwa nnemenga okugulumizibwa ennyo, kyennava mpeebwa omubaka wa Ssetaani.” Mukiraba? Matayo yawandiika, Lukka yawandiika, Makko yawandiika, bonna bonna, naye, baagoberera

bugoberezi Yesu ne bawandiika ebyo bye Yayogera. Naye Pawulo yalina okubikkulirwa okw'okutegeera Yali Ani, mukiraba, ekyo ky'ekintu kye—kye yalaba. Okubikkulirwa kwe kwali kunene nnyo, Yamukkiriza awandiike Bayibuli, nga Musa ow'Endagaano Enkadde. Omusajja oyo ow'amaanyi, Pawulo, okubikkulirwa okwo kwe yalina, yakitegeera nti Yesu ow'Endagaano Empya ye yali Yakuwa ow'Endagaano Enkadde. Yalina okubikkulirwa kw'ekyo kye Yali, era nga asobola okukisimba eri Abaebbulaniya, n'eri. . .n'eri—eri Abaruumi, n'eri Abaefeso, ne—n'abalala bonna. Ye—ye yawandiika ebbaluwa zino. Mulabeeyo, akabonero Ke bwe kaamala okulabisibwa, awo n'alyoka awandiika amabaluwa.

149 Obutonde buno obw'okujja bujja kuba bwe bumu. Tekijja kuba kibinja. Ajja kuba muntu omu. Katonda takozesangako ngeri ndala yonna okuggyako okukozesa omuntu omu. Kati, Eriya teyali kibinja, Yokaana Omubatiza teyali kibinja, buli omu ku bo yali muntu eyeetongodde. Katonda, mu Malaki, tagamba nti, "Ndituma ekibinja." Yagamba nti, "Ndituma Eriya!" Ekigambo tekisobola kukyusibwa.

150 Kaakati, mulabeeyo, akabonero ak'ebiseera eby'enkomerero n'Eddoboozi bijja kujja mu nkola ya Byawandiikibwa nga bwe byasuubizibwa.

151 Twandyagadde okumanya akabonero k'ebiseera eby'enkomerero kye kaliba? Yesu yatugamba, mu Matayo 24 ne 25. Yatugamba, ne mu Okubikkulirwa, okuviira ddala ku ssuula ey'o 6. . .manyanga 1, okutuukira ddala, ku, ssuula ey'e 10. Era okuva awo Ajja mu ssuula ey'e 19, okufuga okw'emyaka Olukumi kutandikira ku kujja Kwe, w'ajjira nga yeebagadde embalaasi enjeru.

152 Kajja kujja, akabonero ak'ebiseera eby'enkomerero, kaakati muwulirize, nga mmaliriza, kajja kujjira mu ngeri yennyini ddala nga Ebyawandiikibwa bwe bigamba. Kaakati mwekkaanye Eddoboozi ly'akabonero.

153 Kati, Yesu, mu Lukka 17:30, yasuubiza akabonero k'ebiseera eby'enkomerero. Akabonero akaasembayo, kaali ka Katonda kulabisibwa mu mubiri gw'omuntu eyasobola okutegeera ebirowoozo ebyali mu birowoozo bya Saala, eyali mu weema emabega we. Ekyo kye Yagamba. Ako ke kabonero ke Yasuubiza ku nkomerero. Am-. . .Yagamba kalikola ki? "Birimanyibwa mu nnaku, ennaku ez'oluvannyuma, Omwana w'omuntu mw'alibikkulirwa." Mw'alibikkulirwa! Omwana w'omuntu bw'alibikkulwa, ako ke kalibeera akabonero mw'Alibikkulirwa. Kaakati mulabe oba nga Ekyo si kye kigamba. Mazima ddala kye kigamba.

154 Kaakati oyinza okugamba nti, "Nedda, kiriba kintu kirala. Nedda, kalibeera kuzimba kizimbe ekinene, kiriba *kino* ekinene, oba *kino*, oba akakiiko akagatta amadiini, oba ekintu bwe

kityo"? Ha, nedda. Nedda, ekyo kikiri wala nnyo. Ekyo kiri ku ludda luli olulala. Kikontana n'ekyo Katonda kye yagamba okukola, kye yagamba ky'Alikola.

155 Kaakati mulabe kye twagambye. Ebyawandiikibwa bijja kutuukiririra ddala nga bwe bigamba, kubanga we twogerera akabonero ka Sodoma tukalina weekali, mu mubiri. Ddi lwe waali wabaddewo abali b'ebisiyaga nga kati, okukyamizibwa n'ebirala, nga bwe kiri kati, "omulembe omubi era omwenzi," n'otuuka n'okuba nga tosobola kussaako ttivi yo n'otosangako bintu ebicaafu, ebivundu ebya Hollywood? Kyokka abantu, abeeyita Abakristaayo, ne basigala eka ne batagenda mu lukuŋŋaana lwa kusaba okusobola okulaba ebintu nga ebyo. Kiraga mwoyo ki ogukulimu. Bwe kiri. N'abakazi ne bambalira ddala nga abo be balaba, n'abasajja ne babaleka babakulembere nga bali be balaba bwe bakola. Hollywood gye tugenda okutwala nga eky'okulabirako kyaffe, oba tugenda kukkiriza ekyo Ekigambo kya Katonda kye kikyogerako?

156 Ekibinja kye kimu ekyo basobola okulaba Ekigambo kya Katonda nga kikakasibwa, naye bakola ki? Bakijolonga bujolonzi. Kubanga, bafu, baafa Emirembe n'emirembe. Tebabeerangako balamu. Singa baali babaddeko abalamu, lubeerera bandibadde balamu, nga Tebaggwaawo. Naye tebabangako balamu. Lubeerera babaddenga bafu. O, bayinza okuba nga baabangulwa, nga bakkiriza *kino, kiri,* oba *kiri*.

157 Yesu yabagamba nti, "Bannanfuusi mmwe," ba, bakabona bali ab'omu biro ebyo. "Muyinza mutya okwogera ebigambo ebirungi, nga ebijjula mu mutima akamwa bye koogera? Mumpita omulungi, 'Omuyigiriza omulungi, Mukama wammwe omulungi'?" Yali amanyi ekyali mu mitima gyabwe. Yali asobola okutegeera ekyali mu mitima gyabwe. Ye yali Ekigambo.

158 Bayibuli egamba nti, "Ekigambo kya Katonda kyogi okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era kikebera ebirowoozo ebiri mu mutima."

159 Kaakati, akabonero ako ak'e Sodoma kakomyewo, mu mubiri. Era buli kimu bwe kiba nga kiri mu kifo kyakyo kyennyini nga bwe kirina okuba mu mubiri, kati oyinza otya okukisambajja, okuva mu ndowooza yo, nti eky'omwoyo kyo tekiriiwo wano mu kiseera kye kimu? Byombi weebiri birabisibwa. Weewaawo, buli muntu akikkiriza, nti eky'omubiri weekiri; naye, ha, mu mwoyo, tebaagala kukikkiriza, kubanga Ekigambo ekyo kitaataganya enjigiriza zaabwe.

160 Lukka 17 ke kabonero. Lukka 17 ke kabonero, Yesu ke yagamba, nti, mu nnaku ez'oluvannyuma, amawanga n'amakanisa n'abantu baliba bafaananira ddala nga bwe kyali mu Sodoma, ensi y'Ab'amawanga, okwokebwa kwa Sodoma bwe kwali tekunnabaawo. Era walibaawo ekibinja, ekiriba kifaanana, nga Ibulayimu. Ddayo wali, Yesu bwe yagamba nti,

"nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma," ddayo olabe ekyaliwo mu Sodoma. Yasoma Bayibuli y'emu gye tusoma, Bayibuli y'emu, kaakati ddayo olabe kiki kye yali.

161 Erudda wano waaliwo ekibinja ky'abalonde, abaayitibwayo, ekibinja kya Ibulayimu, baali balindirira omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa. Abasodoma baali tebakikkiriza yadde n'akatono. Era waaliwo ne mmemba w'ekkanisa ow'ekibuguumirize, eyali emmanga mu Sodoma. Laba Bamalayika abo abasatu abajja eri buli kimu ku bibinja ebyo, weetegereze obubonero bwe baayolesa, olabe n'obubonero bwe tulaba leero.

162 Kaakati, ako ke kalibeera akabonero. Ate eddoboozi ly'akabonero liriba Malaki 4, "okuzzaayo abantu ku Kukkiriza kwa bakitaffe okw'ekitume." Ako ke kabonero, eryo ly'Eddoboozi, kyennyini ddala nga Ebyawandiikibwa bwe bigamba. Mukiraba? Akabonero ke kabonero kali akaali e Sodoma, Katonda nga alabisibwa mu bantu.

Bwe Yamubuuza nti, "Mukyala wo aliwa, Saala?"

Kko ye nti, "Ali mu weema, emabega Wo."

163 N'amugamba nti, "Ŋŋenda kukukyalira okusinziira ku kiseera kye nnakusuubiza." Era n'Agamba nti . . .

164 Naye Saala, emabega gye yali, emabega We, n'agamba nti, "Ekyo kisoboka kitya, nga ndi mukazi mukadde, nga naye musajja mukadde? Mazima laba omwami wange bw'afaanana, musajja mukadde," n'agamba nti, "ekyo tewali ngeri gye kiyinza kututuukirirako." N'agamba nti, "Tekisoboka n'akatono."

165 Ye n'abuuza nti, "Ekyo lwaki Saala akibuusabuusizza, nga agamba mu mutima gwe nti, 'Ebintu bino biyinza bitya okubaawo?'"

166 Era Yesu yagamba nti ekyo kiriddamu ne kikomawo. Kaakati, mujjukire nti, Omusajja oyo Ibulayimu yamuyita, "Elohim," Katonda. Katonda Yalina kuba ye. Lwaki? Yali asobola okukebera ebirowoozo, era Yajjira mu kiseera kyennyini. Era Elohim, Omwoyo Omutukuvu, (si muperesoona mulala) Omuntu y'omu nga akomawo mu kkanisa era ajja kukola ekintu kye kimu, ako ke kaliba akabonero. Ate Eddoboozi liriba ligamba nti, "Bayite bakomewo eri Ekigambo, zzaayo Okukkiriza kw'abaana eri bakitaabwe." Ako ke kabonero n'Eddoboozi.

167 Obubonero butera okukkirizibwa, naye Eddoboozi teritera kukkirizibwa. Eddoboozi tebalyagala, naye akabonero bajja kukatwala. Emirundi egisinga, bajja kukatwala. Akabonero bakaagala, kubanga baagala okukatunulako, kabasanyusa. Naye, Eddoboozi, tebaagala ku—kukikola. Kaakati mujjukire Eddoboozi.

168 Nate mukyuke mudde eri Ekigambo. Akabonero ka Yesu aka Masiya, okusinziira ku Isaaya 35 awagamba nti, "Omulema alibuuka nga ennangaazi," ne bino byonna.

169 "Ekyo kibadde kisuffu!" O, ekyo baakikkiriza. Ekyo kyali kirungi. Ekyo baakikkiriza. Akabonero baakakkiriza. "Labbi, jangu okyaleko, mu kkanisa yange, tujja kukolagana Naawe mu bujjuvu. Mazima ddala, tukukkiriza. Ye ggwe ow'ekitalo. Ye ggwe Labbi. Ye ggwe Nnabbi omuto. Yingira! Tujja kukolagana naawe mu buli kimu! Akabonero kabadde kasuffu."

170 Naye Eddoboozi bwe lyayogera, ne ligamba nti, "Nze ne Kitange tuli Omu."

171 Ha, bannange, Ekyo baali tebayinza kukikkiriza. "Weefuula Katonda." Eddoboozi tebaalyagala. Akabonero baakagaala. Ekyo bakimanyi, baakakkiriza nti ke kaali akabonero ka Masiya, naye, Eddoboozi, Eryo tebaalyagala.

"Emirimu gye nkola nammwe muligikola."

Ne bagamba nti, "Oyo Beeruzebuli."

N'abagamba nti, "Mmwe omulembe gw'emisota."

172 Ha, Eddoboozi eryo baalikyawa. Baakola ki? Eddoboozi eryo baalisirisa ne baliggya mu makkati gaabwe. Baamuggyawo.

173 Yesu yagamba nti, "Nnannyini nju bwe baba bamuyise 'Beeruzebuli,' olwo ate abayigirizwa Be balibayita ki?"

174 Mujjukire, mu Kubikkulirwa 3, mu Mulembe gwa Lawodiikiya. Ono ye Lawodiikiya; akabonero k'e Sodoma mwe kalina okujjira. Eddoboozi erigamba nti, "Muddeeyo eri Ekigambo, muve ku bigunje bino n'ebibiina by'amadiini, muddeyo ku Kigambo," bwe Lyajja, okusinziira ku Okubikkulirwa 3, Yagobebwa n'afulumizibwa ekkanisa, era nga bwe kyali ku mulundi guli.

175 "Akabonero tekalina buzibu, naye si Eddoboozi." Eddoboozi tebalyetaagirako ddala. Nedda, nedda; Eddoboozi. Naye Musa yagamba nti, bwe batali, manya . . .

176 Katonda yagamba Musa nti, "Bwe batalikkiriza ddoboozi eryo erisooka ery'akabonero akasooka, bagezese ku ddoboozi ery'okubiri. Nalyo bwe bataliwuliriza, awo genda ofuneyo amazzi ogayiwe ku ttaka." Ekyo kimala. Ky'ekyo kyokka. "Naaba, weekunkumule e—enfuufu okuva ku bigere byo," mu ngeri endala, nga Yesu bwe yagamba. Yagamba nti, "Ofunanga amazzi okuva mu mugga, n'ogayiwa ku ttaka, gajja kufuuka omusaayi, era galage nti amazzi gonna ekyo kya gagenda okufuuka, musaayi." Era ky'ekyo kyennyini ekyabaawo.

177 Bwe batakkirizanga kabonero ako, olwo akabonero ak'okusatu ke kaakikakasizanga ddala. Obuweereza bwonna bubeera n'obubonero busatu, bwe buba nga bwatumibwa kuva wa Katonda. Yesu yalina obubonero busatu. Musa yalina

obubonero busatu. Nuuwa yalina obubonero busatu. Eriya yalina obubonero busatu. Buli kintu kijjira mu bubonero busatu. Mwetegereze. Muwulirize, ab'emikwano.

178 Obudde bugendedde ddala. Mbadde…Ha, bannange, mbadde simanyi nti buyise bwe butyo, kwakayitako eddakiika kkumi na ttaano.

179 Bwe muba musobola okukkiriza akabonero k'e Sodoma, akoogerwako mu Lukka, mukiraba, nga bwe Yakasuubiza; mukkiriza akabonero k'e Sodoma, kati ate lwaki temusobola kusembeza Ddoboozi lya Malaki erigoberera akabonero, erya "okuddayo ku Kigambo"? [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Bayibuli bw'etyo bw'egamba, era mukiraba, kaakati muwulirize Eddoboozi ly'akabonero.

180 Mudduke obusungu obugenda okujja! Togeza okulowooza mbu, "Kubanga ndi wa UPC, ndi wa Assemblies of God, ndi Mumesodisiti, ndi Mubaputisiti, ndi Mupulesibeteriyani, nnina eddembe okuyingira." Katonda okuva mu mayinja gano asobola okuyimusaamu abaana eri Ibulayimu. Mudde eri Ekigambo! Muve ku nkola zammwe ez'okweyisa nga ensi n'ebibiina byammwe, n'ebirala byonna. Katonda ajja kubizikiriza abiggye ku maaso g'ensi. Ajja kubibbiza mu buziba bw'ennyanja ey'okwerabira, nga bwe Yakola Misiri bwe Yayita Isiraeri, eggwanga okuva mu ggwanga eddala. Bw'Aliyitayo Omugole okuva mu kkanisa, ekkanisa ejja kuyita mu bibonyoobonyo, omusaayi gwayo guyiike ku nsi. Mudduke obusungu obugenda okujja, kubanga busembedde!

181 Temusobola kulaba bintu bino awatali…Simanyi kye mubirowoozaako. Nze nvunaanyizibwa ku kimu kyokka kubisoma na kubyogerako. Kiri eri mmwe! Bwe muba musobola okukkiriza akabonero, mukkirize n'Eddoboozi erigoberera akabonero. O, bannange!

182 Mulabeeyo, Musa, ekifaananyi ky'okufulumayo kaakano. Yali wa kugamba abantu abo ebikwata ku kisuubizo ekyali kyaweebwa bakitaabwe. "Nzijukidde ekisuubizo Kyange eri bakitaabwe." Era kati Musa ya—yalina kukola ki? Yalina okukyusa emitima gy'abantu agizzeeyo ku ekyo bakitaabwe kye baali baayogera. Era ekyo Musa kye yalina okukola mu kiseera ekyo, ne Malaki 4 ky'alina okukola, "okukyusa abantu abazzeeyo ku Kukkiriza kwa bakitaabwe."

183 Okutabulwatabulwa kuno kwonna okw'ebibiina by'amadiini, n'ebirala byonna, muddeeyo ku Kigambo! Nkimanyi mmwe, abantu bangi ekyo baagala nnyo okukikola; si mmwe be nkaayuukira wano. Entambi zino zisaasaanyizibwa okwetooloola ensi yonna, mukiraba, buli wamu. Sikaayuukira mmwe, naye nkaayuukira buli muntu yenna, yonna gy'ali. Ndi musizi wa Nsigo. Ekyo kye kyokka kye mmanyi okukola. Kiri

eri ggwe okukola okusalawo. Mudduke obusungu obugenda okujja, bantu mmwe!

184 Leka kulowooza mbu kubanga oli Mupentekoote. Leka kulowooza mbu kubanga maama wo yali Mumesodisiti omulungi, eyatukuzibwa, oba taata wo yali Mubaputisiti omulungi, aleekaana. Tolowooza mbu ekyo okirinako akakwate konna. Leka kulowooza mbu kubanga oli mmemba w'ekkanisa gye baazimba, oba ekkanisa gye muli mu kuzimba kaakano. Temugeza ne mulowooza mbu kubanga mmwe Abapentekoote mwayogera mu nnimi era ne muzinira mu Mwoyo, ne mudduka nga bwe mudda eno n'eri, emyaka amakumi ana egyayita. Temugeza okulowooza mbu kubanga mwakola enkuŋŋaana ez'okuwonyezebwa, n'ebirala.

185 Tolemererwa okulaba akabonero ako, ak'Empagi y'Omuliro, Katonda gy'akakasizza; n'Eddoboozi eriri emabega Waayo, okuddayo, eri Katonda. Togiganya okukuyitako n'otogitegeera. Waliwo akabonero n'Eddoboozi.

186 Omuntu bw'agolokoka nga alina akabonero, naye nga alina endowooza y'emu ebaddengawo bulijjo, wabaawo ekikyamu, akabonero ako kaba tekava wa Katonda. O, bannange! "Kaakano mulongoose amakubo Ge!" Kati, mukikkiriza? "Kaakati mukomeewo, Mmwe abazibe b'amaaso era abaasaasaana, mudde ewammwe." Bayibuli . . . Omuwandiisi w'oluyimba yagamba nti:

> Amawanga gasasika, Isiraeri egolokoka,
> Obubonero Bayibuli bwe yalagulako;
> Ebiro by'Ab'amawanga biweddeyo, nga bijjudde entiisa;
> "Mukomeewo, Mmwe abaasaasaana, mudde ewammwe."

187 Mukomeewo! Muddeeyo! Nnabbi yagamba nti, "Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi." Mu kaseera ako nga Enjuba tennazikirira ddala kugwaayo, walibaawo Omusana. Tambulira mu Musana nga Omusana gukyaliwo. Oluvannyuma lw'akaseera Akakiiko akagatta amadiini kajja kukukwata mu ttaano, era okuva awo tewajja kubaawo kaagaanya ka Musana.

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

188 Ayi Kitaffe ow'omu Ggulu, kaakano kiri mu mikono Gyo. Nze—nze Ensigo nzisize. Ssimanyi gye Zigudde. Nkusaba Oziwe omukisa yonna gye Ziri. Era leka Zizuule ekifo kyazo wansi eyo, era zisiguukulule ebifo byonna eby'enjazi, n'emirandira gyonna egya kaama, nga bwe tuyinza okugiyita, era obutakkiriza bwonna buggyibwe mu kkubo. Kikkirize, ayi Kitaffe. Kino kaakano tukiwaayo gy'Oli, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

189 Nga mukotese emitwe gyammwe, n'amaaso gammwe nga mugazibirizza. Enkya akawungeezi waliyo ekijjulo. Aboonoonyi ab'omu kibuga, nja . . . Mukama nga ayagadde, nja kuba

nnina okwogera gye bali. Naye kaakano njogera eri ekibiina ekirimu abantu ab'ebika eby'enjawulo. Kino siyinza kwetantala kukibuulira; mba nja kwongera bwongezi kubaziba maaso okusinga bwe babadde, mu lukuŋŋaana bwe lutyo.

190 Naye, ggwe, ali wano akawungeezi kano, okkiriza nti walaba akabonero, era Eddoboozi osobola okuliwulira, bw'oba wakalaba era nga okkiriza? Kati naawe—naawe atannakalaba, okkiriza naye nga Kristo tonnamusembeza, mu bujjuvu Bwe, osobola okuyimusa omukono gwo? Era kati leka buli mutwe gukotekebwe, na buli liiso lizibirizibwe. Yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Nzijukira, Ow'oluganda Branham, nga bw'osaba." Nnaasanyuka okukikola. Katonda abawe omukisa.

191 Kitaffe ow'omu Ggulu, Bayibuli egamba nti, "Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa." Nkusaba, ayi Mukama, nti abantu bano abayimusizza emikono gyabwe, nti bakakkiririzaamu, tebabatizibwanga mu kubatizibwa okw'Ekikristaayo, leka bazuule ekkanisa ebatiza bw'etyo, era babatizibwe. Kikkirize, ayi Mukama.

192 Leka baleme kubatizibwa mu mazzi kyokka, nga ako ka—kabonero bubonero ak'oku ngulu akooleka nti waliwo ekituuseewo munda. Bayibuli egamba nti, "Waliwo Okukkiriza kumu, Mukama waffe omu, okubatizibwa kumu," era okubatizibwa okwo kubatizibwa kwa mwoyo. Omubiri bwe gunaazibwa, kyoleka bwolesi, oba kaba kabonero akalaga nti waliwo ekibaddewo munda. Naye emmeeme eyo y'erina okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, ekyo ky'eky'Obutagggwaawo ekiyingira mu butonde bw'omuntu obwo ne kibukyusa, okubufuula omukkiriza. Nsaba bafune Omwoyo Omutukuvu. Kaakano mbawaayo gy'Oli, nga ebirabo eby'Obubaka, n'eby'ekisa kya Kristo. Nsabye, mu Linnya Lye. Amiina.

Kaakati nga mukotese emitwe gyammwe, mu bwetoowaze.

193 Nsigazzaayo eddakiika musanvu zokka, ne—nnemeddwa okumaliriza mu budde. Si—si—sisobola kubeera na lunyiriri lwa kusabira balwadde mu budde obwo obusigaddeyo. Ŋŋenda kubasaba mutuule awo wennyini we muli. Munsonyiwe mbalwisizzaawo nnyo. Buli omu tugenda kumusabira. Kale eri mmwe, abamu ku mmwe abali wano abalina kaadi z'ab'okusabirwa, temweraliikirira, tujja kubatuukako.

194 Naye tugenda kulaba oba nga Omwoyo Omutukuvu kaakano anaatubikkulira, bwe muba nga mumukkiririzaamu era nga mukkiriza nti kano ke kabonero. Mujjukire nti, Malayika, Yali muntu; Yalya, era n'Anywa mu maaso ga Ibulayimu, naye ate Yasobola, Saala mu weema gye yali, Yasobola okutegeera ebirowoozo ebyali mu mutima gwe. Ako ke kaali akabonero. Ye yali Kigambo. Kati Ekigambo singa kiba kisobola okujja gye tuli, awo, era, Yasuubiza okukola ekintu kye kimu.

195 Kaakati eri mmwe abali eyo mu kibiina, abatalina kaadi za baakusabirwa, nga mukimanyi nti temugenda kubeera mu lunyiriri, sisobola kwawula kumanya anaabaamu n'ataabeeremu okuggyako nga Mukama amundaze. Nja . . . Era nga mukkiriza nti mazima ddala Katonda awonya abalwadde. Nja—njagala o—okkirize mu kaseera kano kennyini, okumala eddakiika entonotono. Era saba, ogambe nti, "Ayi Mukama Yesu, omusajja ono ayogera, mmumanyi, muntu buntu, naye ambuulidde ebigambo ebyo, atubuulidde akawungeezi kano, era n'akitukakasa; nti, Omwoyo Omutukuvu, nti ensi tesobola kumutta."

196 Yesu baasobola okumutta bwe Yali mu mubiri; baamutta. Naye kati Yazuukira, ali mu mbeera ey'ekitiibwa, Takyayinza kuddamu kuttibwa. Era Yagamba nti, "Esigadde akaseera katono ensi obutandaba nate. Naye, mmwe," abaateekerwateekerwa, abaayawulirwa okufuna Obulamu Obutaggwaawo, Ekkanisa, Omugole, "mmwe mujja kundaba, kubanga Nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero. Ebintu bye nkola nammwe mulibikola." Ebisuubizo bino byonna bye Yakola.

197 Kaakati, nkimanyi nti bwe Yali wano ku nsi, Ye, Katonda yali mu Ye. Yali Katonda. Ye yali obulamba bwa Katonda. Ye yali Ekigambo kya Katonda kyonna nga kirabisiddwa.

198 Era Bayibuli ekyali Katonda, Ekigambo, era wakyaliwo okubikkulirwa okulina okubikkulibwa. Era Yagamba nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma, ensi bw'eriddamu n'efuuka nga Sodoma, Omwana w'omuntu alibikkulibwa." Era akabonero k'e Sodoma kalikomawo, era Eddoboozi liriyita abantu bakomewo, abo abaayawulirwa okufuna Obulamu.

199 Tukimanyi nti, bwe Yali wano, waaliwo obukadde n'obukadde bw'abantu ku nsi, abataakimanyaako nti Yali wano; tebaalina nsonga ya kukimanya. Mukiraba? Yajja eri abo abaayawulirwa okukiraba.

200 Kaakati musabe. Kaakati musirikire ddala. Temutambulatambula. Wonna wooli, oba ku myaliiro egya waggulu, oba ku myaliiro egya wansi, wonna wooli, to—totambulatambula, tuula mu kifo kimu, osabe.

201 Gamba nti, "Ayi Mukama Yesu, Bayibuli egamba, mu Abaebbulaniya 4, nti mu kaseera kano kennyini Oli 'Kabona Omukulu asobola okukwatibwako n'embeera y'obunafu bwaffe.' Era tukulaba ku nsi, bwe Wali wano ku nsi, olumu waliwo omukazi eyakwata ku kyambalo Kyo, n'Okyuka, n'obuuza nti, 'Ani ankomyeko?'" Omukazi oyo yeekweka, naye era okukkiriza kwe kwalabisibwa. Yesu yamugamba ku bikwata ku kikulukuto kye yalina, yamugamba nti "okukkiriza kwe kwali kumulokodde." Kaakati Ye Kabona Omukulu y'omu. Bw'Aba

y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, Ajja kuba alina okukola mu ngeri y'emu, bw'o—bw'onoomukomako.

202 Era kati ekyo kikola ki? Wateekwa okubaawo omubiri gw'omuntu, ku nsi, okwogera Eddoboozi Lye. "Ye nze Muzabbibu, mmwe matabi." Tewali ngeri yonna ya kukyebalamamu, ab'emikwano. Bwe bityo Ebyawandiikibwa bwe bigamba. Ge Mazima. Mmwe abaweereza ekyo mukikkiriza, emabega eyo?

203 Kaakati abali eyo, mwewombeekere ddala musabe, gamba nti, "Ayi Mukama Yesu, nsaba nkwate ku kyambalo Kyo."

204 Kaakati mulabeeyo omuntu ansemberedde ennyo, ali mu fuuti nga amakumi abiri oba n'okusingawo. Sirina muntu yenna gwe mmanyi mu bali awo. Siraba na muntu yenna gwe mmanyi, akawungeezi kano, ku batudde awo; okuggyako Pat Tyler atudde wano mu maaso, mukwano gwange. Waliwo abantu abali ku butanda bw'abalwadde, n'obusituliro.

205 Akawungeezi ka jjo tulina gwe twalabye eyabadde ku kasituliro, era omusajja yasituse n'atambula. Mmwe mwenna nga lwaki temusituka, akawungeezi kano? Mukiraba, mukikkirize bukkiriza, kye kyokka kye mulina okukola. Okubeerawo Kwe kujja kukikola. Wuuno wano, kigenda kukwetaagisa okuyimirira Naye okusobola okukuzuukiza mu nnaku ez'oluvannyuma.

206 Kaakati, mmwe abakkiriza, era nga mulowooza nti ddala musabye ne mubotola, kaakati mutunule erudda eno.

207 Nga Peetero ne Yokaana bwe baagamba nti, "Tutunuulire." Omusajja, n'abatunuulira nkaliriza, nga asuubira okubaako ne ky'alaba. N'amugamba nti, "Ffeeza ne zaabu ssirina, naye kye nnina . . . "

208 Kati, sirina kuwonyezebwa, naye ekyo kye nnina, ekirabo okuva eri Katonda, kye mbawa. Singa munaakikkiriza, Katonda ajja kukikola. Mbasaba kimu kyokka kukikkiriza. Ekyo kye nnina, nkibawa. Bwe munaakikkiriza, Katonda ajja kukikola. Mukigezeeko.

209 Wano eno, Kiikino wano wennyini. Amiina. Ekyo nkyagala. Waliwo omukyala atudde wano wennyini. Wa mubiri munene, atudde wano wennyini awasemba. Olina kaadi y'ab'okusabirwa, nnyabo? Mukazi munene . . . Tolina ka . . . Wano wennyini, tolina kaadi ya baakusabirwa? Yee. Tolina kaadi ya baakusabirwa? Naye, okkiriza? Bw'oba okkiriza, teweetaaga kaadi ya baakusabirwa.

210 Amaloboozi gawawaala, y'ensonga lwaki kizibu okuyita abantu bw'oti, naye kati gezaako ddala nga bw'osobola okumpuliriza.

211 Sikumanyi. Tolina kaadi ya baakusabirwa, n'olwekyo tojja kujja ku kituuti. Singa Katonda ambikkulira ekikutawaanya,

onaakikkiriza (ekiki?) nti kye kimu nga kiri bwe Yabikkulira omukazi oli ekyali kimutawaanya? Omukazi oli eyali ku luzzi? N'ekya Saala, bye yayogera, n'ebirala byonna? Ekyo okikkiriza? Okkiriza nti kinaagonjoolwa?

212 Otawaanyizibwa embeera ey'omusaayi, waliwo ekikyamu ku musaayi gwo. Ekyo bwe kiba kituufu, yimusa omukono gwo. Kale. Mu kaseera kano tokirina. Kikusizzaako Ekitangaala. Yesu Kristo akussizzaamu ekitiibwa.

213 Kati, omukazi ono ssimulabangako, mu bulamu bwange. Kaakati ekyo kiki? Alina kuba Mwoyo. Kati osobola okwogera nga Abafalisaayo bwe baayogera nti, "Oyo ssetaani," kati, ojja kufuna empeera gye baafuna. Bw'ogamba nti, "Oyo Kristo," ojja kufuna empeera ya Kristo. Nze nzikiriza nti ekyo Kigambo kye kirabisibwa mu nnaku zino ez'oluvannyuma; so si nze.

214 Wano, waliwo omukazi omulala atudde wano wennyini. Alina ekizibu ky'okuzimba emisuwa gy'amagulu ge. Alina obuzibu obutali bumu. Alumizibwa omutima. Alina omwagalwa we gw'asabira, nga mwannyina. Kati mukazi wattu akaaba. Amulowoozaako. Mwannyoko oyo ali mu mbeera mbi ddala. Bulwadde bwa sukaali bwe bumuluma. Era, n'ekirala, aliko ekisiikirize ekirala, mwonoonyi. Era omusabira. Ekyo bwe kiri. Mukyala Welton, bw'oba okkiriza n'omutima gwo gwonna, Katonda ajja kukimukolera. Okikkiriza? Ago ge mannya go.

215 Kaakati ekyo kyawukana ne Yesu kye yagamba Simooni nti, "Erinnya lyo ye ggwe Simooni, oli mutabani wa Yona"? Beera bubeezi na kukkiriza. Tobuusabuusa. Kikkirize n'omutima gwo gwonna. Bw'oba okikkiriza, Katonda ajja kukituukiriza. Bw'oba osobola . . .

216 Wano, waliwo omukyala atudde erudda wano, antunuulidde. Alinamu nga enviiri emmyufu. Enviiri ze zigudde emabega.

217 Temulaba Kitangaala ekyo, ekiringa ekya kyenvu, ekyetooloodde omukazi? Akimanyi weekiri mu kaseera kano kennyini, kubanga akiwulira. Kimusemberedde nnyo, tasobola kukyebeera butakiwulira. Ekyo bwe kiba kituufu, nnyabo, yimusa omukono gwo. Wuuyo aguyimusizza.

218 Kati sikumanyiiko yadde. Sirina n'ekimu kye nkumanyiiko. Naye obadde otudde awo nga osaba. Ekyo bwe kiri. Ekyo bwe kiba kituufu, wuuba ku mukono gwo *bw'oti*. Kati, Yesu Kristo bw'aba nga ye Mwana wa Katonda, ate nga ddala ky'Ali, Kabona Omukulu atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda . . . Naye nze nnyimiridde buyimirizi wano n'ekirabo, nga nze kennyini si- . . . nga siri, nga ndi bweru w'okutegeera kwange okw'obuntu, nga ssirowooza ku bwange; okugezaako okutoowolola ebirowoozo byange n'endowooza, mpe Katonda omwagaanya akole. Okkiriza nti A . . . Nze, Katonda, akimanyi nti sikumanyi; era naawe okimanyi. Kati singa Katonda anambikkulira obuzibu bwo, oba ekintu kyonna ky'olindiridde,

oba ky'oyagala, oba kyonna kye kiri, okkiriza nti Katonda, ekyo asobola okukikola?

219 Olumizibwa omugongo gwo. Ekyo kye kimu ku bintu by'osabira. Olina obuzibu bw'amaaso go. Okkiriza nti Katonda anaabiwonya ne bitereera? Okikkiriza? Okikkiriza? Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira erinnya lyo? Muky. Hallman, kati kkiriza n'omutima gwo gwonna, osobola okufuna ky'osaba. Okkiriza?

220 Wano waliwo omukazi omukulu mu myaka atudde emabega we wali. Era, naye asaba. Alina obulwadde bwa sukaali. Ka nsuubire kino tekiimuyiteko. Kimulengejjerako waggulu. Mukulu mu myaka. Mulindeemu katono, kati nsaba Mukama annyambe. Ye . . . Wuuyo akikutte. Kale. Mmulabye nga akikomako. Si wa wano. Avudde mu Louisiana. Ekibuga kye—kye kiyitibwa Singer, mu Louisiana. Era alina obulwadde bwa ssukaali. Erinnya lye ye Muky. Doyle. Ekyo bwe kiba kituufu, yimusa omukono gwo. Kale. Tetumanyiganye n'akatono, ssimulabangako mu bulamu bwange. Naye Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, amanyi byonna ebikukwatako.

221 Waliwo omukyala atudde emabega wali, ava mu kibuga kye kimu, mu kifo ekiyitibwa Singer. Alina obulwadde bwa pulesa. Era erinnya lye ye Clark. Okkiriza, Muky. Clark? Kale, osobola okufuna ky'osabidde.

Mukkiriza?

222 Ako ke kabonero! Muwulirize Eddoboozi! Weenenye, odde eri Katonda mu bwangu ddala nga bw'osobola! Yesu Kristo ali wano mu Maanyi ag'okuzuukira Kwe; omulembe omubi era ogwakyama gufuna akabonero ka Yesu Kristo omulamu mu bantu. Ekyo Tasobola kukikola nga akozesa nze nzekka, naawe, olina okukikola. Mukiraba, omukazi yalina okukwata ku kyambalo Kye. Naawe obadde olina okukwata ku kyambalo Kye. Tuli bikozesebwa kye kyokka.

223 Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Kaakati bw'oba nga okkiriza nti . . . Bameka abakikkiriza, muyimuse emikono gyammwe, bwe *muti*, mugambe "Mazima ddala nkikkiriza."

224 Kaakati bwe muba mukikkiriza, Yesu yagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza; bwe banaateekanga emikono ku balwadde, banaawonanga." Ekyo mukikkiriza?

225 Kaakati obudde buyise. Tetulina budde bumala. Wabulayo eddakiika abiri mu ttaano okuwera essaawa ennya ez'ekiro. Kati, buli omu asobola okuteeka emikono ku munne? Kati mukole nga bwe mbagamba, buli omu teeka emikono gyo ku munno.

226 Kati mukimanyi, abali waggulu, ne wonna we muli. Kaakati mukimanyi, bulungi ddala kati, oluvannyuma

lw'Ekyawandiikibwa okubuulirwa era ne kikakasibwa bulungi buli wamu wonna mu kizimbe.

227 Ndabyeyo omulala, kati. Mukiraba? N'omulala wano wennyini, alina obulwadde bw'akawago. N'oukyala alina obulwadde bw'akafuba. Uh-huh. Oyinza okugamba, kati Kiri buli wamu, naye Kikunafuya.

228 Njawulo ki, mwagala ki ekirala? Mulaba ataano, ebiseera ebimu bawera, naye ate omulundi omulala mwagala mulabe nsanvu. Ekyo Yesu yakikola omulundi gumu bwe guti e Sukali, ekibuga kyonna ne kimukkiriza. Baali balindiridde Masiya.

229 Masiya ali wano, Omwoyo Omutukuvu, Masiya w'ebiro bino; Masiya aleetera Ekigambo ky'ekisuubizo Kye, okukakasibwa.

230 Kati njagala buli omu ku mmwe, nga mutadde emikono gyammwe buli omu ku munne, bwe muba nga muli bakkiriza. Kati ggwe teweesabira. Sabira omuntu oyo, era naye agenda kukusabira. Kati, Ekigambo kye kimu ekyasuubiza kino mu nnaku ez'oluvannyuma, era kyasuubiza . . .

231 Kati mujjukire nti, Yesu yagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Okuwonyezebwa, bwe kukomawo, ly'eddoboozi nti akabonero kakkiriziddwa. Banaateekanga emikono ku balwadde, nga akabonero; eddoboozi ye "aleeruuya, Mukama amponyezza!" Kati obubonero buno bwe butambulira awamu n'eddoboozi, akabonero ako, bw'oba mukkiriza, lijja kukagoberera. Eddoboozi lijja kugoberera akabonero.

232 Singa mbawa akabonero kano, ke mbagambye nti kava eri Katonda, era nga Katonda yakasuubiza mu biro bino; kalabisiddwa bulungi ddala, tewali muntu yenna ayinza kugaana kukakkiriza mpozzi omukaafiiri. Mukiraba? Kiba kitegeeza nti Katonda akyuse n'akakakasa, nti ddala kye kali. Kati Ali wano.

233 Kati buli omu, mu ngeri gy'osabamu mu kkanisa y'ewammwe gy'osabira, oba osaba mu kasirise, oba na ddoboozi ery'omwanguka, kyonna kye kiri, sabira omuntu gw'otaddeko emikono gyo, kubanga naye akusabira.

234 Era kati mulindirire okufuna okuva waggulu. Era mu Kubeerawo kwa Masiya, Kristo, Oyo Eyazuukira, akyali omulamu oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, tuyinza tutya okusannyalala ennyo bwe tutyo mu Mwoyo? Ekyo kisaanye okukoleeza eggwanga lino ku Muliro. Ekyo kisaanye okuleetera Beaumont okwenenya, bambale ebibukutu era beesiige evvu. Naye banaakikola? Nedda.

235 Naye mmwe abamulindiriridde, nga mukkiriza anti Ajja kukikola era ajja kukuuma Ekigambo Kye, kati mmwe abaweereddwa ekisuubizo. Baako omuntu gw'oteekako emikono gyo osabe, nga nange bwe mbasabira okuva wano.

236 Ayi Mukama Yesu, ekimala kyogeddwa, ekimala kikoleddwa. Ekigambo ekyasuubizibwa kirabisiddwa. Masiya, Kristo wa Katonda, ali mu Kubeerawo kwa Katonda. Tumuwulira. Tumulaba. Tumanyi nga kino Yakisuubiza mu nnaku ez'oluvannyuma. "Nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma, bwe kityo bwe kiriba Omwana w'omuntu Bw'alibikkulwa." Era okuva ku ekyo, tukimanyi.

237 Tulaba o—omuliro mu bwengula, bbomu zinnamuzisa. Tulaba amawanga agaliiriddwa envunyu, amawanga gasasika. Tukiraba nti Isiraeri bali ku butaka bwabwe. Buli kabonero konna akaasuubizibwa, katuukiriziddwa. Ekiddako ye Mwana ow'obulenzi eyasuubizibwa, Okujja.

238 Ayi Katonda Ataggwaawo, mu Kubeerawo kwa Yesu Kristo, Omwoyo Omutukuvu ow'amaanyi ali wano mu kaseera kano nga akakasa nti Ali wano, wulira okusaba kw'abantu bano, wulira Abakristaayo bano; kibeere nti, bwe nnaagenda, tebajja kugamba nti, "Ow'oluganda Branham ye yakola kino." Omuntu omulala gwe batamanyi, ye yabateekako emikono, ne bawonyezebwa. Naye Wasuubiza nti Eddoboozi lyaliko akabonero. Era leka bawonyezebwe, nga bwe mbawaayo gy'Oli, mu Linnya lya Yesu.

64-0313 Eddoboozi Ly'Akabonero
mu Municipal Auditorium
e Beaumont, Texas Amerika

LUGANDA

©2026 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org